Okumalirira Mu Mutima

Leka tusigale nga tukyayimiridde kaakano nga bwe tukotese emitwe gyaffe. Mukama Yesu, tukkiriza bukkiriza. Watugamba tukkirize bukkiriza, era tukkiriza kaakano. Era tukwebaza n'okukutendereza olw'ebyo bye tuwulidde ne bye tulabye, ebyo ebinyweza okukkiriza kwaffe. Nga tukwebaza nnyo olw'omukisa omulala ogw'okujja okuweereza eri abo abali mu bwetaavu. Kaakano nkusaba, ayi Katonda, osisinkane ebyetaago byaffe akawungeezi kano okusinziira ku kisuubizo Kyo. Tukisaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

2 Tuli basanyufu nnyo akawungeezi kano olw'omukisa guno ogw'okukomawo mu kkuŋŋaaniro nate, oku—oku . . . n'Enjiri ya Mukama waffe Yesu eyazuukira. Nkereyeemukko katono. Mbadde n'ensonga ey'amangu eguddewo embagirawo kati e Michigan. Era omukyala oyo Mukama amukoleddewo ekintu ekyewuunyisa. Bannange, nga Amanyi buli kimu era akiteekera ddala . . . Tekikwetaagisa kumubuulira; Ye amanyi, Amanyidde ddala kye kiri. Kale tusiima nnyo nnyini. Abantu baavuze emmotoka okumala olunaku lulamba okujja wano. Kale, n'olwekyo, ekyo tukisiimira ddala. Kati, temwerabira e . . .

Olutambi luno kweruli? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Eyo ye swiici eteekako ettaala."—Omuk.] O, swiici ya ttaala. Kale.

Temwerabira e—enkuŋŋaana ezinaabeera mu wiiki eno ejja, Olw'okusatu akawungeezi, ne Ssande ejja ku makya, ne ku Ssande akawungeezi. Bw'oba oli wa kumpi, ku muliraano, mmanyi ddala bajja kusanyuka nnyo okuba naawe wano.

Era kati, munsabire, nga bwe ŋŋenda mu lugendo lwange awalala, era nsuubira okukomawo amangu.

3 Njagala okubeebaza mwenna olw'ekisa kyammwe ne byonna bye nzijukira bye munkoledde. Waliwo n'ow'oluganda eyaakampeereza essuuti empya okuva mu kkanisa emu entonotono eri mu Georgia. Era—era abantu abo . . . Kisuffu nnyo. Njagala n'okwebaza abantu abava emmanga mu Kentucky, be nnali nabo wiiki eyise mu luwummula lwange. N'ebyo byonna Mukama bye yatukolera erudda eyo, n'omukono omukulu, ogw'amaanyi, bye twamulaba, nga Akola.

4 Kati tusuubira okuddamu okubalaba amangu, amangu ddala nga nnaakakomawo okuva eno, gye ŋŋenda mu New York mu lukuŋŋaana. Olw'okubeera mu Stone Church ew'Ow'oluganda Vick, olulitandika, ndowooza nga kkumi na bbiri Novemba. Kale tuliyitirako wano, nga ekyabulayo ennaku ntono ekiseera ekyo kituuke.

Nate tuddemu tuyitemu, nga tugenda e—e nga tuserengeta emmanga mu Shreveport, Louisiana, n'Ow'oluganda Jack Moore. Mu nkuŋŋaana ez'Okwebaza, mu wiiki ey'Okwebaza, eziribeera mu Shreveport. Kitimbiddwa ku lubaawo lw'ebirango, ndowooza, emabega wali awatimbibwa ebirango.

5 Kati oluvannyuma tusuubira okubeerako n'abamu ku mikwano gyaffe abava mu Bukiikaddyo nga Ssekukkulu ewedde. Ate mu Janwali tulibeera mu Phoenix. Nga bwe tulindirira okuyitibwa okugenda emitala w'amayanja, okusobola okwetegekera enkuŋŋaana ez'emitala w'amayanja. Bali mu kuzitegeka kaakano, omwezi guno oguwedde, Ow'oluganda Borders, abadde awuliziganya n'enjuyi ez'enjawulo, ku bikwata ku lugendo lw'okutalaaga ensi yonna olw'okutandika amangu ddala nga tumaze okulutegeka, wabula tulina okulinda embeera entuufu mwe tulina okukolera.

6 Ebibiina by'abantu biba biyitirivu obunene erudda eyo, tuba tetusobola kubatuuza mu bizimbe; tuba tulina kubatuuza bweru wansi. Oluusi n'okuyitirira bayitirira obungi mu miwendo, ne kituuka okuba nti n'okukkirizika tekikkirizika, oluusi nga bawerera ddala emitwalo nga ataano. Ekyo kitundu kya kakadde k'abantu mu lukuŋŋaana lw'olunaku lumu olwo lwokka; nga tobaze bameka ababa bazze mu nkuŋŋaana ez'ennaku zonna awamu, wabula mu lukuŋŋaana lw'olunaku lumu olwo lwokka. Omanyi, bulijjo ababuulizi b'enjiri ey'ebweru babala omugatte gw'abantu bonna ababeera bazze mu wiiki omukaaga. Olaba? Naye ffe tu—tubala abo bokka ababeera bazze ku lunaku olwo olumu, omulundi ogwo ogumu. Kale weesanga nga oluusi tewaliiwo na wa kubatuuza, omanyi, nga mulina kubatuuza bweru wansi.

Kale tuba tulina okufuna ebiseera enkuba mw'etatonnyera era mwetefukumukira. Kubanga abantu abo bambi okubatuuza ebweru eyo. . . Nnali ndabye abakazi nga batudde ebweru nga enviiri zaabwe zirengejja, abantu abambadde obulungi ddala, naye ne—ne batuula mu nkuba eyo nga etonnya okumala olunaku lwonna. Ne batuula awo, nga enkuba bw'eyiika, eno eggulu bwe libwatuka, n'okumyansa, nga ne kibuyaga bw'akunta, naye nga bali awo mu kanyigo bwe basindikagana eno n'eri bwe batyo, naye nga batudde awo, balinze okutuusa w'onajjira okubasabira. Mukiraba? Kati, mumanyi nga okukkiriza okufaanana bwe kutyo Katonda akussaamu nnyo ekitiibwa. Akussaamu ekitiibwa.

7 Oteekwa okubaako ne ky'okola Katonda ky'anassaamu ekitiibwa. Okiraba? Omulaga. Abantu abafuna buli kimu nga tebayise mu buzibu, bulijjo tebatera ku. . . Baba—baba tebalina kintu kyonna kye bakoze kukifuna, olaba. Olina oku. . . Weewaawo kituufu, kyo ekirabo kya buwa, naye olina—olina oku. . .

8 Kifaananako, omanyi, nga bwe bagamba nti, "Bw'oba wazaalibwa mu maka magagga," mwali mukiwuliddeko ekyo kye bagamba mbu, "tokitwala nga kya muwendo." Naye bw'okikolerera, awo okitwala okuba nga kya muwendo gy'oli.

9 Kaakati mmwe abakwata entambi erudda wano, nnandyagadde mu—mu . . . kati ndowooza nja . . .

Ku makya ga leero, obubaka obwaabuuliddwa ku makya ga leero, gyendi, bwe Bubaka obw'ebintu eby'enkukunala eby'omu buweereza bwange bwonna; ku makya ga leero, mulaba, Obubaka omuli ebintu eby'enkukunala eby'omu buweereza bwange bwonna. Lumu ndibabuulira engeri gye bwajjamu. Era mmanyi nti buli kimu kibadde kigenda mu maaso okumala emyezi n'emyezi n'emyezi, okutuuka ku Bubaka obwo obumu buti, nga byonna bijja byeyongera okulinnya okutuuka awo. Obwo kye kyabadde ekiseera eky'okutikkirwa kwabyo byonna. Era kya . . .

10 Kati nkakasa, manya nsuubira, mwategedde Akabonero kye kategeeza. Olaba? Akabonero kye kiraga nti Omusaayi gusiigiddwaako. Nti, omuwendo ogubadde gubanjibwa, Katonda gw'abadde yeetaaga, nti omuwendo ogwo Yesu yagusasula nga ayiwa Omusaayi Gwe Ye. Ekyo yakikola. Olwo, mu Bulamu Bwe ne muvaamu Omwoyo Omutukuvu. Kale bw'osiigibwa Omusaayi, Omwoyo Omutukuvu ke Kabonero akalaga nti omuwendo gwo gusasuddwa; Katonda akusembezza, era ako ke Kabonero. Jjukira, ako ke Kabonero. Kati, waliwo abantu bangi nnyo abatakamanyi, nga teba—tebamanyi Akabonero ako kye kali, mulaba. Era obeera olina okukiraga nga gy'oli nti tewali muntu yenna akimanyi, bonna basobole okukitegeera.

11 Kiringa okubuulira obulokozi, obulokozi tulina okububuulira mu ngeri nti buli muntu, bwa buli omu, so, nga tukimanyi nti si bwe kiri. Tulina okubuulira okuwonyezebwa okw'Obwakatonda mu ngeri nti kwa buli muntu, so nga ate tukimanyi nti si bwe kiri. Olaba? Yesu yajja kulokola abo abaali mu Kitabo ky'Obununuzi nga ensi tennatondebwa. Yajja kulokola abo bokka. Oba be b'ani, nange ssimanyi. Olaba? Naye ggwe . . . Tewali ayinza kuba na kukkiriza okuggyako nga ogambye nti kuli eri bonna; ate nga bwe kiri, teri ayinza kujja okuggyako nga Katonda amuyise. Ekyo kituufu. N'olwekyo waliwo abantu bangi abatalirokoka. Ekyo tukimanyiiko. Abo, weewaawo, Katonda ekyo yakimanyirawo nga ensi tennabaawo, nti tebalirokoka.

12 Waliwo bangi abatajja kuwonyezebwa, olaba, bangi abatajja kuwonyezebwa. Nga bambi tebasobolerako ddala, tebasobola kukufuna. Tebakutegeera. Ate bangi abanaawonyezebwa. Wabula tukubuulira mu ngeri nti kwa buli omu, kubanga tuba tetumanyi omuntu oyo y'ani; tuba tetumanyi. Naye tukubuulira

nga gy'oli nti kwa buli omu, so nga abamu okukkiriza okwo tebasobola kukufuna.

13 Kati, kye kimu ne ku Kabonero kano. Akabonero, tuzze twogera ku Kabonero ebbanga lyonna, naye kati kino kye kiseera ky'okulabisibwa kw'Akabonero. Olaba?

14 Kati, emirundi egimu tuzzenga tukayita ebintu eby'enjawulo. Abaluzalaani baakayita, "Kusembeza Kigambo; kusembeza Kristo nga Omulokozi wo." Abamesodisiti ne bagamba nti, "Bw'osanyuka ennyo n'otuuka okuleekaana, nga ke Kko." Ate Abapentekoote ne bagamba nti, "Yogera mu nnimi, olwo ojja kuba okafunye." Naye tugenda okukizuula nga ebyo byonna bibaddenga bikyamu. Mukiraba?

Akabonero kye Kiraga. Ye ggwe nga oli bumu ne Kristo. Okiraba? Ye Mwoyo Omutukuvu, Obulamu Bwe mu ggwe, ng'akozesa Obubwe—Obulamu Bwe Ye okuyita mu ggwe. Era ka bagagga, abaavu, oba oyo yenna anaakasembeza. Kati jjukira nti, Akabonero kye kintu ky'o . . .

15 Bw'ogenda mu kkampuni y'eggaali y'omukka n'osasula ebisale by'entambula. Wabaawo omuwendo, ogulina okusasulwa. Ka tugambe nti ziri ssente ataano okutambulira mu—mu bbaasi eno, oba mu ggaali y'omukka, okuva wano okutuuka e—e Charlestown, mu Indiana, kyetaagisa ssente ataano. Kale, kati, kkampuni ekuba obutikiti ne kiba nti . . . Olaba? Kaakati, ky'okola, bw'ogendayo n'osasulira ebisale by'entambula, ssente ataano. Bakuwa akatikiti akakuwa olukusa okutambulira mu ggaali y'omukka eyo okutuuka gy'eraga, yonna eggaali y'omukka eyo gy'eba eraga. Olaba? Ekuwa . . . Ako ke kabonero.

16 Kati, mu nsonga eno, omusaayi gwe gwabanga akabonero. Gwabanga, gulina ddala okusiigibwako, kubanga kye baalina kyokka gwabanga musaayi gwennyini ogutonnya, kubanga gwabanga musaayi gwa mwana gwa ndiga, gwa nsolo, nga musaayi gwa mwana gwa ndiga. Ne kiba nti obulamu obwabanga mu musaayi, obulamu obwo bwavangamu, omusaayi kye gwavanga gwayiibwanga. Olaba? Obulamu bwavangamu, naye nga tebusobola kukomawo ne budda ku mukkiriza, kubanga eri yabanga nsolo. Wabula bwawanga kuddamu okw'omwoyo omulungi, nga bulaga nti waaliyo Ssaddaaka etuukiridde, eyali Ejja.

Era, okusobola okugifuula Etuukiridde, Omulamuzi omulamba, oyo Katonda w'Eggulu, ye yafuuka Ssaddaaka; Omulamuzi, Omuwuliriza w'omusango, ate era Omuwolereza. Olaba? Ye ye yafuuka Ssaddaaka. Kati Obulamu Bwe bwe bwamuvaamu, nga obwo yali Katonda . . . Era ekigambo ekiriwo awo, awagamba nti, "Ndibawa Obulamu Obutaggwaawo." Kati, mu Luyonaani . . . mmanyi njogera eri abantu abaasoma eby'eddiini. Ndabawo nga babiri oba basatu. Mukiraba? Kale

nno. . . Kati ekigambo ekiriwo mu Luyonaani, kiri Zoe. Z-o-e, mu Luyonaani, ekitegeeza, "Obulamu bwa Katonda Mwene." "Era Ndimuwa *Zoe*, Obulamu Bwange Nze mwene." Kristo ne Katonda yali omuntu Omu.

17 Kati ne kiba nti, Obulamu obwali mu Kristo ye Mwoyo Omutukuvu, si Muntu wa kusatu; wabula Muntu y'omu, mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, nga akukkako, nga Akabonero akalaga nti obulamu bwo n'ebisale byo eby'entambula bisasuddwa, okkiriziddwa. Nga akabonero ako tekannaba kujja, tokkirizibwa ku luguudo, tokkirizibwa ku. . . mu—mu bbaasi; tokkirizibwa kuyingira munda okutuusa nga omaze okulagayo akabonero kano, era akabonero ako by'ebisale byo eby'entambula. Era kati Kalaga nti Omusaayi guyiwiddwa era gukusiigiddwako, omuwendo gukusasuliddwa, era olina n'Akabonero akalaga nti osiigiddwako Omusaayi era okkiriziddwa. Kati mukitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] O, bannange! O!

18 Kati—kati, wano tetwogera ku bukakafu bwa ngeri yonna. Mukiraba? Muli mugamba nti, "Ow'oluganda Branham," nkiwulira mu birowoozo byammwe, olaba mwebuuza muli nti, "naye nnaamanya ntya?"

Labayo, kiki kye wali okusooka, ate kiki ky'oli kati? Okwo kw'omanyira. Olaba? Kiki kye wali nga Akabonero kano tekannakuteekebwako? Kiki ky'oli oluvannyuma nga Kamaze okukussibwaako? Biki bye wayaayaaniranga okusooka, era kati oluvannyuma biki by'oyaayaanira? Olwo ojja kumanya oba nga Akabonero kakuteekeddwaako oba nedda. Ate bino ebintu ebirala byo byekola byokka nga bikagoberera Ako. Olaba?

19 Si—si kukyogerako bwogezi, n'ogamba nti, "Ennimi bwe bukakafu." Kati, nnnyinza okuba, okugula omugogo gw'engattto, naye akawempe k'omu ngatto akabeera wansi w'obuguwa si ye ngatto. Wabula kajjira mu ngatto, okiraba. Kajjira bujjizi mu ngatto. Okiraba? Kati, ky'ekintu kye kimu ne ku Kabonero. Akabonero ye Kristo. Naye okwogera mu nnimi, n'okugoba emizimu, n'okukola ebintu ebyo byonna, n'okubuulira, n'ebirala byonna, bwe bukakafu nti Weekali, kituufu, naye ebyo si—si ke Kko. Mukiraba, kirabo bulabo ekyako. Ssinga nkugamba nti. . .

20 Oyinza okuŋŋamba nti, "Nkwa—nkwagala, Ow'oluganda Branham," nze ne nkuwa ekirabo, okiraba. Kati, ekirabo ekyo tabeera nze, wabula kiba kirabo kyange.

Ennimi kirabo kya Mwoyo Omutukuvu, naye si ye Mwoyo Omutukuvu; wabula kirabo bulabo eky'Omwoyo Omutukuvu.

21 Era ssetaani asobola okugeegeenya kyonna ky'ayagadde ku bintu ebyo byonna, naye tasobola kubeera Mwoyo Omutukuvu. Olaba? Asobola okugeegeenya ebirabo bino, wabula tasobola kubeera Mwoyo Mutukuvu.

Ate Omwoyo Omutukuvu ke Kabonero akalaga nti Omusaayi gusiigiddwaako, kubanga Agoberera Omusaayi okuviira ddala mu Kitabo ky'Obununuzi. Okiraba? Ekyo kye kyali ekigendererwa ky'okujja Kwe. Ekyo kye yajja Alondoola mu buli mulembe. Mu buli mulembe ekyo ky'Azze alondoola, okulaba nti Kalabisibwa, era baali tebayinza kutuukirizibwa awatali ffe. Era kati Omwoyo Omutukuvu yenna mu bulamba akyalira Ekkanisa, nga aleetera Katonda okulabisibwa mu mubiri gw'obuntu; nga bwe Yakola, nga Sodomu tekinnayokebwa, ekyali ekifaananyi obufaananyi. Mu kiseera, we Yalabikira, eri Ibulayimu.

22 Era ebintu byonna by'Ataakola mu mirembe egyayita, mu mirembe gy'ekkanisa egy'enjawulo, Abikola kaakano. Kuddayo ku Kigambo, kubanga obubaka n'obubaka n'obubaka bwonna bulina kuwunzikira mu Kigambo kyonna awamu mu bulamba bwakyo. Era mu nnaku ez'oluvannyuma, okubikkulwa kw'Obubonero Omusanvu, kwali kwa kukuŋŋaanya ebyo byonna ebyali byasoba mu buli gumu, ekintu kyonna mu bulamba okusobola okukikolamu omubiri gw'Omugole gumu omunene ogw'ekitalo, kibeere nti bali abaaliwo edda ennyo abataatuukirizibwa okutuusa nga Ekkanisa eno etuukiriziddwa, ekibinja ky'Omugole kino eky'omu nnaku ez'oluvannyuma, okusobola nabo okubayingizaamu, olwo bonna awamu basitulibwe. Olaba?

23 Akabonero, Yesu Kristo, oyo Omwoyo Omutukuvu, ali mu makkati gaffe. Ekyo tusaanye okukissaamu ekitiibwa. Te—te—te—tetuyinza kwetowaza kimala. Okuggyamu engatto zo, oba okufukamira, tekimatiza; tekiyinza—tekiyinza kumatiza, tekitumala; wabula obulamu obubala ebibala by'Omwoyo!

24 Kati ebibala by'Omwoyo bye biri wa? Olaba? Okwagala, essanyu, emirembe.

25 Mujjukira enkya ya leero? Mu kuteekateeka, yatuma omubaka nga alina Obubaka. Ekyaddako kye Yakola, nga Amaze okutuma omubaka nga alina Obubaka, Yaweereza Empagi y'Omuliro okukakasa. Ekyaddako kyali, oluvannyuma lw'ekyo, kyali kibin-. . . manya kugumya. Olaba? N'otegeera nti kituufu, n'obeera n'emirembe. Tulina emirembe ne Katonda, okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo. Olaba?

26 Kati akawungeezi ka leero tugenda kusabira abalwadde, era ndowooza balina n'okusembera. Mu—munaaba n'okubatiza, olukuŋŋaana lw'okubatiza? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Nedda."—Omuk.] Kusembera, kusembera kwokka. Era twandyagadde musigale mubeewo mu kusembera.

27 Kale mu—mu ddakiika nga asatu mu ttaano oba ana tuluubirira okuba nga tumalirizza twetegekere okusembera. Kale kati, enkya lwe Lunaku lw'Abakozi, n'olwekyo muyinza okuwummulako. Kati, ŋŋambye nti ekyo kye tuluubirira

okukola, mukiraba. Tetumanyi budde ki bwennyini. Ekyo njagala nkirambike bulungi.

28 Kati, ku nkya ya leero nnabagambye, nti nga bwe ssitera kubeera nammwe, ndo—ndowooza twazzeemu ne tuba n'Obubaka obulala obw'essaawa bbiri oba ssatu enkya ya leero. Naye—naye nna—nnatandise, nga ndowooza oba oli awo nnaabwongerayo mu maaso akawungeezi, naye kyabadde tekyebeereka. Ssimanyi oba nga abantu baabutegedde oba nedda. Ka nsuubire nti baabutegedde, yonna yonna. Era nsuubira bwakwatiddwa ku ntambi ennungi, busobole okuba nti busaasaanyizibwa, bumanyibwe, kuba nzikiriza nti, mu Bubaka bwonna bwe nnali mbuulidde, awatali kubuusabuusa obwo obw'enkomeredde bwagerekeddwa Katonda, nga oggyeeko . . . Nga oggyeeko, okuyigiriza okwa bulijjo, nga Obubonero Omusanvu n'ebirala, ebyo butereevu byali Kigambo kya Katonda. Naye njogera ku Bubaka obw'okubuulira; nzikiriza obwo ddala bwabadde bukulu, olaba, obwo—obwo, bwe bwetaagisa okuddirira Obubonero obwo Omusanvu.

29 Kati mwetegereze biki ebyagoberera Obubonero Omusanvu: okwegatta kw'abantu, obubonero obw'okwegatta awamu, ekitaala ekimyufu eky'okulabula mu nnaku ez'oluvannyuma, akabonero k'abakazi okwongera okulungiwa, n'abasajja, bye balikola. Obubonero buno bwonna obw'Omwoyo Omutukuvu nga bukulemberamu, okutuukira ddala wano ku kutikkira kw'Obubaka obwo bwonna kasookedde Bubonero Omusanvu bubuulirwa. Bwonna buwunzikira mu kintu kimu kino, Akabonero, akalaga nti tewali kabi konna, olaba, twekebere bwekebezi tulabe oba nga ddala tuli mu Kukkiriza.

30 Kaakati, Mukama abawe omukisa. Era kati nga te—tetunnabikkula mu Bayibuli, kusabira abalwadde . . . Ku makya twabuuzizza bameka, abaasabirwa akawungeezi ka Ssande ewedde, ne—ne—ne bawona, nga wiiki eno baawonyezeddwa, era kyenkana bonna abaabadde wano bayimusizza emikono gyabwe, abaali mu lukuŋŋaana lw'akawungeezi ka Ssande ewedde. Kati, ekyo nno kikulu, mukitegeera. Kintu eki . . . Ki, kino nze nkyezuulidde.

31 Waaliwo akalenzi akato, ke baŋŋamba, akaali kava emmanga mu Chicago, Muky . . . Omukazi oyo ye, Peckinpaugh, Peck- . . . Muky. Peckinpaugh okuva mu—mu . . . Mwannyinaffe Omukristaayo omulungi ennyo ddala. Alina gwe yaleeta, o—omwana omuto, ku ngeri gye nkitegeera, akalenzi akato oba bwe kityo, nti—nti . . . nga n'abasawo baali tebamanyi kiki kikaluma. Amawuggwe gaako gaali galiiriddwa nnyo, oba ekintu ekifaananako bwe kityo, nga—nga tebasobola na ku . . . kukateeka mu ssomero oba ekintu ekifaananako bwe kityo. Nga kali mu mbeera mbi nnyo, nnyo ddala. Agamba nti, Obubaka bwe bwali bwakaggwa, Omwoyo Omutukuvu yayogera

eri akalenzi ako, n'akayitayo, n'akategeeza embeera yaako n'ebirala, n'alangirira okuwonyezebwa kwako.

Era mu wiiki eno kaagenze, nnyina waako oba bazadde baako, ssimanyi oba yabadde ani, yakazzizzaayo ew'omusawo, omusawo n'agamba nti kalina amawuggwe amapya, mulaba, amawuggwe amapya. Era nnakitegeddeko, nti aba—abazadde oba omuntu omu waliwo eyakubye essimu nga asinziira wala, oba waliwo engeri gye yakozesezza, okukitegeeza ekibiina ky'ekkanisa. Mukiraba? Kati, Katonda, Omutonzi, asobola okukola amawuggwe amapya.

32 Nzi—nzikiririza ddala nti tu—tusemberedde ekimu ku bintu ebikyasinzeeyo okuba eby'amaanyi ebyali bibadde ku nsi okuva mu biro bya Mukama waffe Yesu. Olaba? Olaba? Naye kati ffe tusobola kumanyibwa nga . . . Kijja kuba mu ngeri ennyangu ennyo ddala ebuusibwa amaaso. Olaba? Olaba, omuntu ky'ayita *eky'amaanyi*, Katonda akiyita "kya muzizo." Naye ate omuntu ky'ayita *eky'obusiru*, Katonda ye ky'ayita "eky'amaanyi." Olaba? Kale nno mukyekkaanye, mulaba, kijja kuba mu ngeri nnyangu nnyo ddala ebuusibwa amaaso nti tekirikuyitako . . . kirikuyitako bw'oba tolina Kabonero kusobola kukyekenneenya, olaba. Olaba?

33 Ani yali ayinza okulowooza nti ensozi zaaligita nga obuliga, n'ebikoola ne bikuba mu ngalo, nnabbi we yajjira okuva mu ddungu; naye ekyo kyali kyayogerwa Isaaya, nga ekyabulayo emyaka lukumi mu bibiri . . . manya lusanvu mu kkumi n'ebiri. Nga yenna ajjudde amasulubu mu maaso, ayambadde eddiba ly'endiga, nga talina na kituuti mw'abuulirira, nga amakanisa gonna gaamugoba, nga ali eyo ku lubalama lwa Yoludaani, gy'aleekaanira nti, "Mwenenye!" Abantu n'abayita ekibinja kya "amasalambwa," emisota. Naye ekyo Katonda kye yali yayogera, nti bw'alijja, "ensozi ziririgita nga obuliga." Mukiraba? Abeetowaze baakiraba era ne basanyuka.

34 Bandisobodde batya okukitegeera nti . . . nti Masiya oyo ow'ekitalo, eyalagulwako okuviira ddala ku ntandikwa y'Ekitabo, mu Lubereberye, nti Alijja, oyo Omulokozi? Ssaddaaka zonna, ne bannabbi bonna, na buli kimu kyonna byali bisonga ku Ye. Nga ne bwe yajja, yatwalibwa nga eyazaalibwa mu ngeri enneeboolereze; nga kitaawe yali tannaba na kuwasa nnyina, nga bwe kyatwalibwa okuba. Mulaba? Omukazi n'asangibwa nga ali lubuto nga tebannaba na kufumbiriganwa. N'okujja n'Ajjira mu mbeera nga eyo, n'azaalibwa mu ka—ka . . . Kati, kiyitibwa kisibo, mu Bayibuli. Naye ekiyitibwa ekisibo mu biro ebyo yabanga mpuku eyabanga emmanju mu—emmanju mu kisenge ky'olukomera. Lumu nnina we nnasanga ekifo bwe kityo mu Arizona, bwe nnali njigga. Waaliyo ekisibo eyo emabega mu njatika z'enjazi. Era bw'atyo Yesu bwe yazaalibwa, emmanju mu kisibo kino mu mmanvu y'omuddo gw'ebisolo n'ebisubi, mu kiraalo ky'ente, olaba, omwasulanga amagana.

35 N'akuzibwa nga Omuyambi w'omubazzi, kati Oyo yali ayinza atya okuba Yakuwa ow'amaanyi? Naye yali Ye, okiraba. Yali ye. Olaba? Yali Muntu atategeerekeka n'akatono. Naye, ha, bwe yali akyali Mulenzi muto, yawuniikiriza bakabona mu ngeri gye yali amanyiimu Ekigambo ekyo. Lwaki? Ye yali Kigambo. Mukiraba? Ye yali Kigambo.

Teyawandiika kitabo kyonna. Teyawandiika ki—teyawandiika kigambo kyonna. Ekigambo kyokka kye yawandiika, ndowooza, n'okukisangulawo yakisangulawo, kye yawandiika mu—mu musenyu, omukazi bwe yali akwatiddwa mu bwenzi. Teyawandiika kigambo kyonna. Lwaki? Ye yali Kigambo. Mukiraba? Ye yali Kigambo. Kyali tekimwetaagisa kukiwandiika; obulamu Bwe bwakyolekanga. Ye yali Kigambo. Bw'aba Ya . . . "Bwe mba ssikola mirimu gya Kitange, kale temunzikiriza." Mukiraba? "Bwe ssikolera ddala ebyo byennyini Ekigambo bye kigamba nti bye Ndikola, kitegeeza si Nze Kigambo. Naye bwe . . ." Ekyo kye Yali ategeeza. Ye ye Kigambo.

36 Kale kati mwetegekere o—olukuŋŋaana lw'okusabira abalwadde lwe tugenda okuba nalwo wamu n'okusembera. Tunaasanyuka bw'onoosigala n'obeera naffe bw'oba osobola okusigala. Bw'oba tosobola, tujja kubasiibula mangu ddala nga tumalirizza.

37 Era temwerabira, munsabire era musabire ne mukyala wange, omukazi ansingira obulungi mu nsi yonna, wamu ne—n'abaana bange. Era kati bonna mbasabidde, buli omu ku bo, babeere ba Mukama Yesu.

38 Kati, Becky ali mu myaka gya bu "ricketta," nga bwe mumanyi, alimu ka—ka "kaabuvubuka" nga bwe twakiyitanga. Kale nno egyo gy'emyaka gy'alimu. Naye, kati, muwala mulungi nnyo, era ekyo nkye—nkyebaliza Mukama; tafuuwa ssigala, tanywa mwenge, si mukyakaze, oba ebintu eby'engeri eyo. Naye ali mu myaka egyo, nga te—teyeefiirayo. Tayagala kugenda ku kkanisa, ate, bw'aba agenze, atuula mabega eri n'agaaya swiitigaamu, oluvannyuma n'asituka n'afuluma. Bw'atyo bw'ali, mulaba. Njagala mmulabe nga ajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.

39 Njagala ndabe Joseph, omulenzi oyo njagala . . . Nzikiriza lumu bwe ndiba ssikyasobola kugenda ku kituuti, njagala nkwate Bayibuli eno ekunjubuse olw'obukadde ngimukwase, mmugambe nti, "Joseph, ginywerereko, mutabani." Bwe ndiba ntuusizza ekiseera okusomoka. Njagala mpulire akawewo nga kafuuwa, ntunule waggulu, mpuube omukono, nsitule ŋŋende.

Leka tusabe.

40 Katonda Kitaffe, obulamu bwaffe bwonna buzingiddwa mu Ako, kubanga Ako ye Ggwe, era Ggwe Bulamu bwaffe. Kaakano waliwo abali wano, Mukama, aba—abalina n'Akabonero kano ke njogeddeko. Baafuna Akabonero ako, naye ate balwadde.

Era akawungeezi kano njagala njogere ku kubagumya, oku—okubazzaamu amaanyi okweddiza eddembe lyabwe eryo ery'obwebange Katonda lye yabawa. Balina eddembe okuwangula ssetaani oyo. Yawangulwa dda, abaguumaaza buguumaaza. Mbasabira, Kitaffe.

41 Kaakano nnyamba nsobole okwogera Ekigambo. Yogera nga oyita mu nze, Mukama, nga okozesa obuntu obutonotono buno bwe nnawandiise wano, wamu n'Ebyawandiikibwa ebitonotono ebiwandiikiddwa. Nkusaba onnyambe Mukama, oyingire mu Kigambo obawe okukkiriza ku lw'ekitiibwa kya Katonda. Nsaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

42 Kati mu bwangu ddala, njagala mubikkule mu Bayibuli mu Kitabo kya Yeremiya essuula ey'a 29, bw'oba nga wandyagadde okusomayo. Naye, bw'oba toyagala, kiwandiike buwandiisi. Yeremiya, essuula ey'a 29. Era tugenda kutandikira ku lunyiriri olw'e 10 olwa Yeremiya, olunyiriri olw'e 10 olw'essuula ey'a 29. Awalala, tugenda kusoma mu Lukka, essuula ey'e 16, okutandikira ku lunyiriri olw'e 14.

43 Kaakati ŋŋenda kubawa omutwe gw'eky'okuyigako kyange, nga bwe mukya—mukya—nga bwe mukyabikkula. Omutwe gw'eky'okuyigako kyange akawungeezi kano guli *Okumalirira Mu Mutima*. Kati . . . Okumalirira mu mutima, kale, kati, okumalirira mu mutima mumanyi kye kitegeeza.

Kaakano, tugenda kusoma okuva mu Yeremiya essuula ey'a 29, olunyiriri olw'e 10.

> *Kubanga bw'ati bw'ayogera* MUKAMA, *nti Emyaka nsanvu bwe girituukiririra Babulooni, ndibajjira ne ntuukiriza gye muli ekigambo kyange ekirungi nga mbakomyawo mu kifo kino.*
>
> *Kubanga mmanyi ebirowoozo bye ndowooza gye muli* . . . (Ekyo si kirungi?) . . . *bw'ayogera* MUKAMA, nga *birowoozo eby'emirembe so si bya bubi, okubawa enkomerero yammwe ey'oluvannyuma* eyakkirizibwa.
>
> *Era mulinkaabira, era muligenda ne munsaba, nange ndibawulira.*
>
> *Era mulinnoonya ne mundaba, bwe mulinkenneenya n'omutima gwammwe gwonna.*
>
> *Nange mulindaba, bw'ayogera* MUKAMA: *era ndikyusa nate obusibe bwammwe, ne mbakuŋŋaanya okubaggya mu . . . mawanga gonna ne mu bifo ebyo byonna* gye *nnabagobera, bw'ayogera* MUKAMA; *era . . . ndibakomyawo* mu—mu *kifo gye nnabaggya* okubatwaza *okuba abasibe.* Okuddayo ku pentekoote!

Ekyo, nze nkitaddemu. Si bwe kigamba. Ekyo kye mbadde ntegeeza eri Ekkanisa.

Lukka 16, tutandikire ku lunyiriri olw'e 15, manya olw'e 16.

Amateeka ne bannabbi byabaawo okutuuka ku Yokaana: okuva olwo, enjiri y'obwakabaka bwa Katonda ebuulirwa, era buli muntu abuyingiramu lwa maanyi.

"Buli muntu yeenyigiriza n'awaguza okubuyingiramu." Totambula butambuzi n'obuyingiramu, mu ngeri ennyangu, naye olina kunyigiriza n'owaguza Okubuyingiramu. Mukiraba? Kaakati, "Bwe mulinnoonya n'omutima gwammwe gwonna, olwo mulinzuula."

44 Era yasuubiza nti Yali wa kukomawo aleete abantu, okuva yonna gye baali baasaasaanira ku nsi, oluvannyuma lw'emyaka egyo ensanvu, okubakomyawo mu Yerusaalemi gye baali baava; era Yakikolera ddala bw'atyo. Ekyo kituufu.

45 Kati tugenda kwogera ku—ku *Okumalirira Mu Mutima* okumala eddakiika entonotono kati. Bulijjo, kitwala mbeera ya kazigizigi, okutuleetera okumalirira. Olaba? Kibi nnyo okuba nti kirina kuba bwe kityo, naye abantu bagayaavu nnyo mu ndowooza yaabwe, okutuusa lwe kiba nti beetaaga kusooka kugwa mu buzibu. Wabaawo ekigwaawo, kale bwe kibagwako, olwo ne ki—ne kibassa mu mbeera eyo ey'okumalirira. Ate ddala, mu kukola ekyo mu kumalirira okwo, kiggyirayo ddala kyennyini kyennyini ky'oli. Kiragira ddala kiki ky'oli, nga oli mu kaseera ako ak'okumalirira nga oli wakati mu kusoomoozebwa. Kitera okukukamulamu buli kalungi konna akakulimu ne kalabisibwa.

46 Mu kaseera ak'okufa, mpuliddeko abantu bwe bakitegeera nti bagenda kufa, ebintu bye baabeeranga baasirikira obulamu bwabwe bwonna, bwe babeera, mu kaseera ak'o nga balaba obulamu bugenda, baagezaako okwagala okubyatula. Olaba? Nga bagezaako okugamba nti, "Genda ne *kino* okitwale okintereereze; genda, bambi; genda, okikole," mulaba, mu kaseera ak'okwabulira obulamu bw'ensi. Ekyo baali basaana kukikola nga tebannatuuka awo, olaba, so si kulinda kumala kutuuka mu mbeera ya katyabaga bw'etyo. "Bambi ekintu *bwe kiti ne bwe kiti* ononnyamba n'ogenda okinkolera?" Embeera ey'akatyabaga ereeta okumalirira. So nga ate, tusaanye kukikola nga tetunnagwa mu katyabaga.

47 Kaakati tulaba nti, akawungeezi ka leero tugenda kulya n'okunywa obubonero bw'Okuyitako. Era nga Okuyitako baakuliira ku bunkenke mu bweraliikirivu, mu mbeera ey'okumalirira. Bwe weetegereza mu—mu Kuva essuula ey'e 12, n'olunyiriri olw'e 11 olw'essuula ey'e 12, nzikiriza bwe kiri, wagamba nti, "Mulye Okuyitako kuno nga ebigere byammwe mubinaanise mu ngatto, nga mwesibye n'ebimyu mu kiwato, nga n'omuggo gubali mu ngalo," olaba, muliira ku bunkenke nga mumaliridde.

48 Baali balabye omukono gwa Katonda ogw'ekitalo. Baali balabye eby'amagero Bye byonna, era wano baali bazze wansi w'obulambe bw'Akabonero. Era nga bali wansi w'obulambe bw'Akabonero, baalya okuyitako mu—mu bumalirivu, kubanga baakimanya nti mu kaseera ako Katonda yali ategeka okusindika omusango.

49 Era kaali kaseera ka kukankana. Kaali kaseera nga buli muntu yeekebera, kubanga Ekigambo kya nnabbi kyali tekiremererwangako n'omulundi ogumu. Kyali kikakasiddwa okuba nti kituufu. Buli kye yayogeranga, kyatuukiririranga ddala nga bwe yabanga akyogedde. Empagi y'Omuliro yali ekyaliwo. Ate, n'ekirala, nnabbi yali alangiridde nti Katonda yali wa kuyitawo nga Amaze kulaba kabonero ku mulyango. Kale kaali kaseera ka kazigizigi.

50 Muli nkubamu akafaananyi nga ndaba abaana abato abaali . . . bwe baalaba agawaawaatiro ago, agaddugavu nga gakka wansi okuva mu bwengula nga galinga ekikka ne gabuutikira ekibuga, nga buli nnyumba evaamu okwaziraana, abaana bateekwa okuba badduka ne bagenda eri bakitaabwe ne bababuuza nti, "Taata, ddala okakasa tuli wansi w'akabonero ako?"

Olwo taata n'agenda ku mulyango, n'atunula ku mwango, ku mufuubeeto, n'agamba nti, "Mwana wange, bwe kityo bwe kiri okusinziira ku Kigambo Kye."

"Jjukira, nze mwana asinga obukulu mu baana bo. Taata, ddala okakasa?"

51 "Nkakasa! Ekyo kyakoleddwa nga nnabbi bwe yatugambye, ate y'alina Ekigambo kya Mukama. Yagamba, 'Bwe Nnaalaba omusaayi, Nnaabayitako. Leka buli nnyumba efune omwana gw'endiga.' Baana bange mwenna mbayingizza munda. Ggwe mwana wange omukulu, ggwe muggulanda. Abaggulanda be bali mu kufa ebweru eyo; naye ffe omusaayi *guugwo* weeguli. Ky'ekyo BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA kye yagamba. Kale wummula, mutabani, wummula ntende, kubanga Katonda ye yasuubiza. Olaba?"

"Kati ate, Taata, engatto oyambadde zaaki? Omuggo gw'okutte mu mukono gwaki? Lwaki omugaati ogukwatidde mu mukono ogumu ate mu mulala n'okwata ennyama y'akaliga? Enva ezikaawa ezo n'ebirala byonna byaki? Olya byaki? Kiki ekikutuuyanyizza otyo wenna?"

"Mwana wange, okufa kubindabinda." Mukiraba, kyaliwo mu kaseera aka kazigizigi.

52 Kati, nzikiriza tuli mu nnaku ze . . . Oba, leka ŋŋambe nti, ennaku ze tulimu zisaanye okuleetera Ekkanisa okumaliririra ddala. Nzikiriza nti, oluvannyuma lw'obubaka obwabuuliddwa enkya ya leero obwavudde eri Katonda, so si nze, nzikiriza busaanye okuleetera ekibiina kino kyonna okumalirira, nti

tuzannye ekimala. Tugenze mu kkanisa ekimala. Tulina okubaako kye tukolawo.

53 Kijja kitya okuba nti tulaba obubonero obulala obw'amaanyi n'ebyewuunyo nga bikolebwa ku balala, ffe tuli ku ki? Busaanye okuleetawo embeera ey'okumalirira, tumalirire, mu maaso ga Katonda. Obubonero bw'Okujja Kwe busaanye okuleetera ekibiina kino kyonna, nga bwe tubusoma mu Kigambo. . . Omwoyo Omutukuvu atugambyenga nti, "Mugende e gindi, ekintu *bwe kiti* kigenda kutuukawo," nga tatubuulira kimaze kubaawo, wabula ekigenda okubeerawo. Ne tugendayo, ne kituukirira ddala bwe kityo. Empapula z'amawulire ne zikiwandiikako, obutabo bwa magaziini ne bukifulumya ne bulaga ekifaananyi kyakyo. Ne tukomawo wano ne tulaba ebyama ebyo eby'ekitalo, ebyakwekebwa mu Bayibuli, ne bitubikkulirwa, ku mutendera omuggya gwe tutamanyanganako, ate nga bikwataganira ddala n'Okujja kwa Mukama waffe Yesu.

54 Ate, ku nkomerero y'Obubaka bwonna, ne tulaba okukola kw'Omwoyo Omutukuvu ow'ekitalo, ne tumulaba nga Akka wansi n'alabibwa abantu, n'Akubibwa n'ebifaananyi. Ne tumulabira ddala nga Akola era nga ayoleka nti si muntu buntu, si mubuulizi bubuulizi, si kibiina gundi. Wabula ye Mwoyo Omutukuvu nga alaga ekintu kye kimu kye yakola bwe yali Ayambadde omubiri gwa Yesu Kristo. Nga kati Ayambadde Omubiri gw'Omugole We. Kisaanye okutuleetera okumalirira.

55 Abantu abo baali balabye omukono gwa Katonda. Era ekiro ekyo eky'okusembera, baakulya. . . nga bamaliridde, kubanga baali bakimanyi nti waliwo ekinaatera okubaawo. Naffe tukimanyi nti waliwo ekinaatera okubaawo. Ate mujjukire nti, Okujja kwa Mukama waffe kujja kuba okubulawo mu kyama, okw'embagirawo. Alijja n'akwakkula Omugole nga omubbi mu kiro. Kati okukirowoozaako obulowooza nti omuntu ayinza okubeera awo, okutemya n'okuzibula, nga abamu ku b'amaka gaffe babuzeewo, nga ggwe olekeddwa! Kisaanye okututeeka ku bunkenke tumalirire, kibeere nti, olw'ekisa kya Katonda, tetuulekebwe mabega. "Bwe wabaawo ekintu kye ssaagala. . . Tondekanga, Mukama, tondeka."

56 Ennaku ntono gye buvuddeko nnali mpuliriza Mel Johnson nga ayimba oluyimba olwo olugamba nti:

> Onzijukiranga nga amaziga gakulukuta,
> weewaawo,
> Onzijukiranga nga ab'emikwano tebaliiwo;
> Ne bwe ndisomoka omugga guno Yoludaani,
> Bw'Oliba oyita amannya, onzijukiranga.

57 Ne ku Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga, njagala erinnya lyange libe nga liwandiikiddwako. Njagala Anzijukire amannya bwe galiba gayitibwa. Era ekyo kinteeka

ku bunkenke okufuba obuteerekera, ekyo kiri, nga Pawulo bwe yagamba nti, "Nga mmaze okubuulira Enjiri mbeere nga a—akukusibwa obukukusibwa, mbeere a—atakyetaagibwa?" Kisobola okubaawo. Kale kinteeka mu kaseera akazibu, ku bunkenke, bwe ndowooza, ku kumala emyaka gino gyonna nga mbuulira, ate nneesange nga—nga . . . ntuuke awantu ate mmuyiwe? Kiki kye nzizaako? Kiki kye nnina okuzzaako oluvannyuma lw'ekyo? Ne kinteeka mu mbeera ey'okutya. Nga nneebuuza nkoze ntya nze? Ne kinkasuka eyo mu nsozi ne mu biwonvu. Ate kiba kizibu, kubanga, bwe mbeera n'abantu, nnina okuba byonna eri abantu bonna, nsobole okubaako abamu be mpangula okubaleeta eri Kristo, naye nga Akabonero ako bulijjo kali mu maaso gange. Olaba?

58 Ndaba n'ebintu ebijja mu maaso, naye nga abantu toyinza kubibagamba. Ogenda n'olaba ebintu eby'enjawulo, naye n'ozibirwa okubyogera. Okwolesebwa okwo kwe basaba, ate nga oluusi oba oli awo bandibadde beekuba mu kifuba ssinga obeera obagambye, naye nga ggwe okimanyi bulungi nti tolina kukubagamba. Kati n'otuuka n'oyingira nnyo mu kwolesebwa okw'enjawulo okutuusa buli kimu lwe kifuuka okwolesebwa, ne kikuteeka mu mbeera ey'okutya n'okweraliikirira okutatadde. N'o—n'otunula ne weebuuza muli nti, "Kati ndi mu kwolesebwa?" Nga bw'oyinza okubeera wano wennyini ne weebuuza muli nti, "Kuno kwolesebwa? Nnyimiridde wa wennyini?" Mukiraba, n'o—n'okola nnyo, n'okola ekisukkiridde. N'ozuula n'ebintu ebikwata ku bantu by'owulira muli nti kale ssinga obadde tobimanyi. Abantu abaagala ebintu bino, abaagala okumanya ebintu bino, tebamanyi muwendo bwe gwenkana ogugenda n'obuweereza obw'ekika ekyo. Temumanyi muwendo gwenkana wa gugenderako. Ne kiryoka kikuteeka ku bunkenke nga ogamba nti, "Mukama Katonda, mmanyi ndibyanukulira."

59 Jack Moore lumu yaŋŋamba nti, "Ssaagala kubuuzibwa nga bw'olibuuzibwa, ku Lunaku lw'okusala Omusango." N'agamba nti, "Katonda abantu bano abatadde mu mikono gyo, era olibaanukulira buli omu ku bo. Olyanukulira obuweereza bwo." Ekyo kati wayiseewo emyaka nga kkumi n'etaano okuva lwe yakiŋŋamba, oba kkumi na munaana. Era okuva ku olwo, mbaddenga ku bunkenke. Nnaakola ntya nze?

"Leka njogere ebyo byokka by'Oyogera, Mukama. Leka mbabuulire Amazima, oba si ekyo nsirike." Kinteeka ku bunkenke.

60 N'okulaba obubonero buno nga bujja, okulaba Omwoyo Omutukuvu nga atutwala ebweru eyo, n'aleeta Obubonero buno, n'abwoleka bw'atyo. N'aleeta Emirembe gy'Ekkanisa nagyo n'agigattako, oluvannyuma n'akka wansi mu Mpagi y'Omuliro ennene ey'ekitalo, ne—ne Yeeyoleka. Bw'amala n'akka wansi ku kiddako, ku Bubonero Omusanvu, n'abubikkula. Ne

kiteekebwa ne mu mpapula z'amawulire ne mu butabo bwa magaziini. Ate bw'amala awo n'ajja n'akwata ku bamalayika ba Katonda, bamalayika abo omusanvu abalina Obubaka omusanvu, n'abakakasiza ddala nga Bayibuli bw'egamba. Ate, mu kiseera ekyo, n'avaayo n'agattamu Obubonero obwo . . . obubonero obwo, ebitaala ebirabula eby'ebiseera eby'enkomerero, n'abyoleka abantu n'ababuulira kye bitegeeza, ne byonna ebibikwatako, nga Mukama akola awo wennyini nga Yeeyoleka nti waali. Okuva awo, n'akka wansi nga ku makya ga leero, n'ajja n'abanja Akabonero ako okuba ku buli muntu. Kati, mmwe muli bantu bange. Ye mmwe be njagala, bano abali wano n'abo abawuliriza entambi, n'abalala bonna. Kati awo mulaba obuzito bw'embeera mwe kinteeka.

61 Kumalirira mu mutima. Obubonero bw'Okujja Kwe busaanye okuleetera buli mmemba wa Kristo okumalirira kaakano, ku bikwata ku mmeeme zaffe, ku bikwata ku—ku—ku bulamu bwaffe gye tulaga nga tuvudde wano. Ddala, tunaaganyulwamu ki ssinga tulya ensi eno yonna? Kiki kye tuli, ye tubeererawo ki? Okolerera ki? Oliira ki emmere? Olafuubanira ki? Kuba mulamu. Obeerera ki omulamu? Kufa. Ate togwanidde kuba mulamu okutuusa nga ogwanidde okufa. Ge mazima.

62 Tulaba n'ebyamagero bingi nnyo eby'okuwonyezebwa, bisaanye okutuleetera okumalirira.

63 Akalenzi kali bwe kaba . . . Oyo gwe ndaba ye Muky. Peckinpaugh? Oyo ye Muky. Peckinpaugh? Ggwe wali wano n'akalenzi, yali ggwe oba mulala? Kati nno, omukazi gwe mbadde njogerako wuuno atudde wano. Mbadde mmagamaga ne mmulaba.

64 Kati Katonda bw'aba ekyo asobola okukikolera akalenzi ako, kisaanye okukuleetera okumalirira.

65 Waliwo omusajja okuva mu New Albany, ayinza okuba nga waali akawungeezi kano. Mukwano gwa Muganda wange Roberson. Yaleese wano akalenzi. Ndowooza mukyala we yali yalwalako kkookolo naye n'awonyezebwa. Naye—naye ate ku luno, katabani ke ke kaalumbiddwa asima ne kaba bubi nnyo. Ka bambi, nga omumiro gwako, gwonna gulinga oguliiriddwa kkookolo. Olaba? Kati akalenzi yakaleese, otyo, omukono gwe guuguli ngulaba emabega, wali, era kaasabiddwa enkya ya leero, mukiraba.

66 Okumalirira! Mukyala we bwe yali anaatera okufa kkookolo, kyamujjira nti Katonda asobola okumuwonya. Era Katonda bw'aba yasobola okuwonya mukyala we, Katonda asobola n'okuwonya omutabani. Ekyo ne kimuleetera okumalirira. Mukiraba? Oteekwa okujja; ate nga omaliridde, olwo Katonda ajja kukuwuliriza. Naye bw'ojja mu ngeri ey'ekigayaavu, nga teweefiirayo oba Anaakuwuliriza oba taakuwulirize, awo, ate

ekyo kiba kirala. Ggwe oyinza okugamba omaliridde, naye okukikola kyetaagisa kumaliririra ddala.

67 Nzikiriza ensonga lwaki tetuli bamalirivu lwa butaba na kwagala, Katonda, okwagala kwa Katonda. Nze ndowooza okwagala kwa Katonda kuleeta okumalirira. Katonda bw'aba mu ggwe, nga Akabonero kali mu ggwe, n'olaba embeera y'ebigenda mu maaso, n'abantu bwe bavuyiza mu kibi bwe batyo, kijja kukuwaliriza okumalirira. Nzikiriza kijja kukikola.

68 Kati Ekigambo kyogera lwatu, bwe muba mwagala okukiwandiika, kiri mu Abaggalatiya 5:6, nti, "Okukkiriza kukola kuyita mu kwagala." Mukiraba? "Okukkiriza kukola kuyita mu kwagala." Era engeri yokka gy'oyinza okuba n'okukkiriza, kwe kusooka n'oba n'okwagala. Kubanga, ndaba, okukkiriza kuleetebwa kwagala. Kuleetebwa ekyo, ekyo kyennyini okukkiriza kye—kye kuli. Kuleetebwa kwagala. Kati, ggwe, bw'oba tolina kwagala, toyinza kuba na kukkiriza. Olaba?

69 Oyinza otya okuba n'okukkiriza mu mukyala wo bw'oba tomwagala? Ekyo kikwata ku *phileo*. Kati ate kiri kitya ku *agapao*, eri Katonda? Kisoboka kitya okubaawo nga Katonda tomwagala?

Bw'ogamba nti oyagala mukyala wo, naye nga tokimugambangako yadde, era nga tobeerangako naye kumulaga mukwano, na kukimulaga, n'omunywegera, n'omugwako mu kifuba, n'omugamba nga bw'asinga abafumbi abalala bonna mu ggwanga, n'ebintu byonna by'omanyi, n'omugamba nga bw'ali omubalagavu, era nga bw'omwagala ennyo; ebyo bw'otabikola, talikimanya. Eyo ye ngeri gy'okikolamu. Bw'oba omwagala, okyoleka.

70 Bwe tutyo bwe tukola eri Katonda. Bwe tuba tumwagala, tukimugamba. Tukkakkana wansi ne tumusuuta, ne tumusinza. Ate, mulabeeyo, ekyo okwagala kwe kukitukozesa.

71 Kaakati watya ssinga wabaawo ekiteekwa okukolebwa ku lwa mukyala wo? Nkakasa, kyandikuwalirizza okumalirira okukasa nti kikolebwa. Watya ssinga wabaawo agamba nti mukyala wo alina kkookolo? Watya ssinga wabaawo agamba nti mu—mukyala wo alina akafuba, anaatera n'okufa? Ate nga, ggwe, o—obeera ojja kukola kyonna ekisoboka. Okiraba, kijja kukuwaliriza okumaliria.

72 Kati bwe kityo kintu kye kimu. Tuteekwa okuba n'okwagala nga tetunnaba na kukkiriza. Ate okukkiriza. . . Bwe tuba n'okwagala kwennyini okwa nnamaddala, kukola ki? Kusindika okukkiriza kwaffe okugendera ddala wali ku mwanjo mu ddwaaniro ku lwa Katonda. Olaba? Okwagala kwennyini okwa nnamaddala okw'obwakatonda eri Katonda n'eri Ekigambo Kye n'eri abantu Be, kujja kusindika okukkiriza okugenda kukole. Okwagala kukwata bukwasi okukkiriza, ne kugamba

nti, "Jangu, tugende!" Era ne kufuluma, kubanga okwagala ekyo kye kukola.

73 Yokaana 14:23, Yesu yagamba nti, "Omuntu bw'aba nga anjagala, anaakuumanga Ebigambo Byange." Kati toyinza kukuuma Bigambo Bye nga tolina kukkiriza mu bye Yayogera. Kale, mukiraba, omuntu oyo bw'aba ayagala Katonda, akuuma Ekigambo kya Katonda. Bw'aba yagamba nti, "Nze Mukama eyakuwonya," ekyo akikkiriza. Okwagala kumuleetera okukikkiriza, kubanga okwagala kufuga byonna. "Ne bwe njogera n'ennimi ez'abantu n'eza Bamalayika, naye nga ssirina kwagala, tekirina kye kigasa, okiraba. Ne bwe mba n'okukkiriza okusigula ensozi, naye nga ssirina kwagala, tekirina kye kigasa." Okwagala kwe kufuga byonna, kubanga Katonda kwagala, ye Katonda ow'okwagala. Kaakati, yee, ssebo! Yesu bw'aba yagamba nti, "Omuntu bw'aba anjagala, anaakuumanga Ebigambo Byange."

74 Tumanyi nti kituufu ddala Katonda ajja kusisinkana emmeeme eyeekyaye eyetaaga okuyambibwa. Kati, ekyo ffenna tukimanyi. Naye bulijjo kitwetaagisa okubaako n'ekituyingiza mu mbeera eyo ey'okukeŋŋenterera, mu mbeera eyo ey'okumalirira. Waliwo ekigireeta.

75 Tulaba, mu Yakobo 5:15, nti Bayibuli egamba, nti, "Okusaba okw'obunyiikivu okw'okumalirira," kati okwo kwe kumalirira mu mutima, "okusaba okw'obunyiikivu okw'okumalirira okw'omuntu omutuukirivu kuyinza nnyo mu kukola kwakwo. Omuntu omutuukirivu, omuntu omulungi, bw'atandika okusinda," oba emmeeme ye n'etambula olugendo, oba okusinda, ekimu ku bibiri. Ndo—ndowooza "okutambula olugendo" kye kigambo ekisingako. Okusinda, oba okutambula olugendo, ekimu ku bibiri ky'oyagala okukiyita. Naye e—e—emmeeme bw'e—bw'emalirira, nga eri mu kusinda erumwa, okusaba okw'obunyiikivu okw'okumalirira okw'omuntu asobola okulaga Akabonero, kubaako ne kye kukola. Olaba?

76 Weetegereze Bayibuli ky'egamba ne wano, mu Yakobo 16, 5:16, egamba nti, bwe . . . "Nga twatula ensobi zaffe," nga tutereeza, nga tukyetegekera, "nga twatuliragana ensobi zaffe buli omu eri munne." Tube nga te—tetulina nsobi . . . N'osaba abantu bakusabire, nga twatuliragana ensobi zaffe, era nga tusabiragana. Ky'ekyo. Awamu n'okwagala, okwagala nti nkukkiririzaamu era nsobola okukwatulira obukyamu bwange; naawe osobola okunjatulira obukyamu bwo. Era nkwagala ekimala okutuusa nti nnaakusabira, era naawe onansabira; era tujja kukunywererako, awamu n'okusaba okw'obunyiikivu okumalirivu, okutuusa nga kwanukuddwa. Okwo kwe kumalirira mu mutima. Ekyo kye tusaanidde okuba nakyo buli kaseera.

77 Leka tulabeyo ku by'okulabirako eby'omu Byawandiikibwa ebikwata ku ekyo, ebyali bibaddewo, Mukama nga ayagadde, kati, okumala, eddakiika nga kkumi na ttaano.

78 Yakobo, yali musajja, mu kusooka yali . . . mulenzi ateefiirayo. Yalowoozanga mu mutima gwe nti akimanyi bulungi nti omugabo gw'obusika gwe gumusingira obukulu, era nga tafaayo oba wa kugufuna atya, naye kasita agufuna kiba kiwedde. Era olwamala okugufuna, n'alowooza nti buli kimu kiri bulungi, olw'okuba alina omugabo gw'obusika. N'alowooza nti ekintu kiwedde. Yagenda eri muganda we enjala gwe yali eruma, eyali ava mu nsiko, okulunda ente n'okuyigga empeewo. Nga muganda we bambi, ye—yeetaaga ensaka ennene ey'omugoyo, ne kawo ow'omu ttale ne—n'ebintu bwe bityo. Kiteekwa okuba nga ddala kyali kikemo kinene omusajja nga muyala nnyo, olunaku lwonna alumaze atambula. Muganda we bambi n'amugamba nti, "Nnaatera n'okuzirika. Mpa ku bino ndye."

Naye n'agamba nti, "Kale, nja . . . bw'oba onondayirira ne mba nti nze nnaafuna omugabo gw'obusika." Olaba? Nga tafaayo oba akikoze mu ngeri ki, ye kasita agufuna nga kiwedde. Era yalowooza nti, olufuna omugabo gw'obusika ati, nti ekyo kimala.

79 Abapentekoote, awo we mwalemererwa! Mwalowooza nti olw'okuba mwazaalibwa Omwoyo, mwazaalibwa Omwoyo wa Katonda, Omugabo gw'obusika, nti kati ekyo kimala. Naye ekyo kikitandika butandisi. Mujjukira mu bubaka bwa—obwa *Mumuwulire,* omwana oyo, bwe yazaalibwanga mu maka, n'afuuka omwana. Yabanga n'eddembe ery'obwebange ku mugabo gw'obusika, naye yabanga alina okukakasibwa, n'atendekebwa nga omwana. Era bw'ataakakasibwanga kuba mwana a—agondera kitaawe by'ayagala, nga olwo ateekwa kuba, bw'atyo, teyafunanga bu—bu . . . nga si ye . . . teyafuulibwanga musika. Teyasikiranga kintu kyonna, kyokka ate nga yabanga mwana, naye teyasikiranga kintu kyonna bwe yabanga teyeefiirayo ku mirimu gya kitaawe.

80 Kati n'Omwoyo Omutukuvu bwe yakka ku Bapentekoote ne batandika okukomyawo ebirabo n'ebintu ebitali bimu ebyali mu kkanisa; baalowooza mbu, olw'okuba bazaaliddwa Omwoyo, nti ekyo kimala. Naye, olaba, waliwo n'okutuuzibwa kw'omwana mu kifo kye. Era omwana ono bwe yakakasibwanga okuba nti mwana ddala, yatwalibwanga mu kifo eky'olukale mu lujjudde, n'atuuzibwa, ne bamukyusiza ebyambalo, n'atuuzibwa awagulumivu; era ogwo gwe gwabanga omukolo gw'okutongozebwa kw'omwana mu kifo kye, nga akwasibwa obusika bwa buli kimu kitaawe kye yabanga nakyo.

81 Katonda naye yakola ekintu kye kimu eri Omwana We ku Lusozi olw'Okuwanyisibwa. Yasiikirizibwa e . . . manya ekire,

n'awaanyisibwa, n'ebyambalo Bye ne bimasamasa nga enjuba, eddoboozi ne ligamba nti, "Ono ye Mwana Wange Omwagalwa gwe Nsanyukira." Musa n'amateeka byali biremeddwa. Naye ono ye Ye, "Mumuwulire." Yakakasibwa. Olaba?

82 Kati Yakobo yalowooza nti, olw'okuba yali afunye omugabo gw'obusika, nti buli kimu kyali kiwedde.

Kati n'Abapentekoote bwe batyo bwe baakola, ne batandika okugunjaawo ebibiina, ab'o—abakkiririza mu bwa nnamunigina, abakkiririza mu busatu, n'abakkiririza mu baperesoona abasatu, n'ebibiina ebya buli ngeri, n'okuwakana bokka na bokka n'okusojjagana, ne kikakasa nti ddala Akabonero kaali tekalabisiddwa. Ettima, obuggya, empaka, olaba, naye awo we baakoma.

83 Kati, mulaba, Yakobo naye yalowooza ekintu kye kimu. Naye ekiro kimu, bwe yali mu kutya, olw'obulamu bwe, yakutuka entegetege, bwe yakirowoozako nti, "Emitala w'omugga eri, muganda wange anninze okunzita. Agenda kunzita." Olaba, omugabo gw'obusika gwe yali yafuna, gwe gwali gugenda okumussa.

Era ebiseera ebimu ekintu ekyo kyennyini ky'ofuna, nga Omwoyo Omutukuvu, aba Ye, n'ozaalibwa ogw'okubiri n'Omwoyo, bw'oteegendereza, ekintu ekyo kyennyini kijja kukusalira omusango ku nkomerero. Ky'ekyo. Amazzi ge gamu agaawonya Nuuwa, ge gaasalira ensi omusango. Ekintu ekyo ky'o—ky'oyita obuzoole kyandiba nga kye kintu kyennyini ekirikusalira omusango ku nkomerero y'olugendo.

84 Kati Yakobo yakimanya nti obulamu bwe bwali busemberedde enkomerero yaabwo. Waliwo omubaka eyajja gy'ali n'amugamba nti muganda we, wamu n'abasajja ebikumi bina ababagalidde eby'okulwanyisa, baali bajja okumweŋŋanga, n'akitegeera nti—nti bumukeeredde. Entiisa n'emugwako. N'asindika omusajja amukulembere nga alina ente ennume, n'amagana, n'endiga nga bya kiweebwayo eky'emirembe wakati we ne Esawu. Oluvannyuma, lw'ekyo, n'asindika ekibinja ekirala nga nakyo kyetisse engugu y'ebintu ebirala bingi. N'asindika n'ekibinja ekirala nga nakyo kyetisse engugu y'ebintu ebirala bingi, nga agezaako okulaba nti bye biba bisooka okumusisinkana, okugezaako okukkakkanya ekiruyi kye. Naye n'akirowooza muli nti, "Ebyo biyinza obutamuziyiza, kubanga ayinza n'okuba mugagga okunsinga. Tabyetaaga." Kwe kukwata bakyala be n'abaana be abato, n'abasindika ne basomoka, nga agamba nti oba oli awo Esawu bw'anaalaba obwana bwa muganda we obwo obuto ne bakyala be. Nga ddala baana ba muganda we ab'obulenzi n'ab'obuwala, t'ayinze kubatta. Naye, era, n'ekyo tekyamukolera. Katonda amanyi engeri y'okufunzaamu omuntu. Yakobo n'asomoka akagga. N'agwa ku maviivi ge.

Omanyi, okusooka yalimu engeri y'obukuluppya, nga ekyo tekinnabaawo. Munsonyiwe okukikozesa, naye yalimu engeri y'o . . . Yali Yakobo. *Yakobo* kitegeeza "omulimba," era ky'ekyo kye yali. Naye waaliwo ekyali kirina okumutuukako. Awo nga gamwesibye, nga okufa kumwegese amaaso . . .

85 Wayinza okubaawo abasajja n'abakazi abatudde wano akawungeezi ka leero, nga, okufa kubeegese amaaso. Nga engeri yokka gye mulisobola okutuuka ku kintu kye mwagala, kwe kujja nga mumaliridde. "Nteekwa kukifuna, kawungeezi ka leero. Nkifuna kati, bwe ssikifuna nfa. Enkya bujja kuba buyise nnyo. Nteekwa kukifuna kati!"

Bw'osaba okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, Akabonero, togamba mbu, "Kale, kati nja kugenda ngezeeko. Mukama, nga, nkooyeemukko." O, abaffe, sigala mu katebe ko! Togezaako—togezaako yadde. Bw'ojja, nga ogamba nti, "Nja kuyita mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa; bansiigeko amafuta ku mutwe, ndabe oba wanaabaawo enjawulo," kisingako n'osigalira ddala awo w'oli. Okutuusa nga otuuse mu mbeera eyo, okutuusa nga ekkanisa yonna etuuse mu mbeera eyo, nga kiri wakati wa kufa na bulamu, nga olina kukifuna kati bw'otakifuna ozikirira, awo Katonda w'ajja okulabisibwa gye tuli. Kitwala kumalirira mu mutima okusobola okussa Katonda n'alabisibwa.

86 Yakobo yakaaba nga bwe yali takaabangako. Mu kwekyawa yakowoola okutuusa lwe yakwata ku Katonda. Era olwamukwatako, n'ameggana naye; si kumala ddakiika kkumi na ttaano zokka. Yameggana naye okumusigaza, mu mmeeme ye, okuyita mu kiro kyonna; nga akimanyi bulungi nti era omukisa tagulina, naye n'asobola okulemerako okutuusa omukisa lwe gwajja. Yameggana mu mbeera ey'okwekyawa okutuusa omukisa lwe gwajja. Awo, era bwe yalaba . . . okutuusa Katonda lwe yalabika. Era, mu kwekyawa n'agamba nti, "Ssigenda kukuleka kugenda," bwe yatandika okuwulira nga omukisa gumukkako.

Abantu bangi bagenda ne bagamba nti, "Ekitiibwa kidde eri Katonda, kati nkifunye." Awo obeera olimbiddwa. Weewaawo! Oli agenda n'agamba nti, "O, mpulira bulungi, Ow'oluganda Branham, nnagenze ne nsaba. Ha, ne mpulira nga amasannyalaze agampitamu." Ate ddala ayinza okuba yabadde Katonda. "Nnalabye ekitangaala eky'amaanyi mu maaso gange." Ekyo nakyo kisoboka okuba nga yabadde Katonda, naye ekyo si kye njogerako.

87 Bayibuli egamba, mu Abaebbulaniya essuula ey'o 6 nti, "Enkuba etonnyera abalungi n'ababi, mu ngeri y'emu." Kaakati, ggwe funa eŋŋaano, ofune n'omuddo, obiteeke mu nnimiro. Eky'amazima enkuba eba etumiddwa eri ŋŋaano, naye enkuba eyo bw'etonnya etonnya ku muddo nga bw'etonnya ku ŋŋaano. Era, enkuba, omuddo gusanyukira enkuba nga

eŋŋaano bw'egisanyukira, ate nga nkuba y'emu yennyini. Omwoyo Omutukuvu y'omu asobola okugwa ku atali mukkiriza n'amuleetera okweyisa mu ngeri y'emu ddala nga omukkiriza bw'akola. Naye bategeererwa ku bibala byabwe; ekyo kye njogerako, ako ke Kabonero. Era Da-. . .

88 Era Yakobo, manyanga, nga ali mu mbeera eyo ey'okwekyawa, yagamba nti, "Mmanyi nkuwulidde, Wooli wano nange, naye ssigenda kukuleka kugenda."

Omulala ekyo ye alaba nga kirungi ekimala, olukyamuukiriramukko ati, asitukirawo n'abuukabuuka, n'adduka n'ayita mu lukuubo, nga bw'agamba nti, "Nkifunye, nkifunye, nkifunye." Ha, nedda. Huh—uh. Nedda.

Yakobo ye yasigalawo okutuusa lwe waabaawo ekibaawo, ekyamuleetera okutambula mu ngeri ey'enjawulo, ekyamufuula omuntu ow'enjawulo, kubanga yasigalawo okutuusa ekyo lwe kyabaawo. Era yasobola . . . Bayibuli egamba nti, "Yammeggana naye okutuusa lwe yawangula." Omuntu ayinza atya okuwangula Katonda? Naye osobola okukikola. Osobola okukikola. Omuntu asobola okuwangula Katonda.

89 Lumu waaliwo omusajja eyali ayitibwa Keezeekiya, nnabbi gwe yali agambye nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ogenda kufa." Keezeekiya n'akyusa amaaso ge eri ekisenge, era nga amaliridde mu mutima n'akaaba n'agamba nti, "Mukama, ndowoozaako. Ntambulidde mu maaso Go n'omutima ogutuukiridde, nneetaagayo emyaka emirala kkumi n'etaano," oluvannyuma lwa Katonda okumugamba nti waliwo ekyali kigenda okubaawo, nti yali agenda kufa. Era, mu kumalirira, yakyusa enteekateeka ya Katonda. Kumalirira, ddala, yakaaba nnyo mu maziga amangi.

90 Yakobo yasigalawo okutuusa omukisa lwe gwajja, ne gukyusa erinnya lye okuva mu kubeera "omulimba" ne lifuuka "omulangira eri Katonda." N'eggwanga lyatuumibwa linnya lye. Yee, ssebo! Kyali kiki? Ebyavaamu byaliwo kubanga yafunvubira n'abaako ky'akola ku nsonga eyo. Era enkeera bwe yasisinkana Esawu, yali teyeetaaga bakuumi. Yatambula butereevu n'agenda amusisinkana. Mukiraba? Lwaki? Yeekyawa n'afunvubira okutuusa lwe yafuna obukakafu.

Naawe weekyawe ofunvubire okutuusa lw'onoofuna obukakafu. Bw'otakikola, totawaana na kujja kusabirwa. Totawaana na kujja ku wolutaali. Linda okutuusa nga kikutuusizza mu mbeera, nga bw'otakifuna ofa, awo lwe wajja okubaawo ekibaawo. Ddala, kumalirira!

91 Luusi waliwo olumu, lwe yamalirira, bwe yali ayimiridde ne Nawume. Nga yeebuuza addeyo eri abantu be, eri abo bonna b'ayagala, n'ebyo byonna bye—bye yasinzanga, bakatonda be n'eri abantu be, oba yeekwate ku Nawume? Ateekwa kukola ki? Kwe kumalirira, n'akaabira waggulu n'agamba nti,

“Gy’onoogenda, gye nnaagenda. W’onoobeera, we nnaabeera. W’olifiira, we ndifiira. W’oliziikibwa, we ndiziika. . . manya we ndiziikibwa. Era Katonda wo y’anaabeeranga Katonda wange.” Kiikyo, kumalirira! Katonda n’amuwa omukisa, n’amuwa omwana ow’obulenzi, Obedi. Obedi n’azaala Yesse. Yesse n’azaala, okuyita mu Yesse, Yesu n’ajja. Kyabaawo, lwa kumalirira!

92 Nga malaaya oli, Lakabu, yali ku bunkenke. Yakimanya nti okufa kumwolekedde. Yali wansi wa musango. N’atya nnyo, n’agamba nti, “Nja kubakweka bakessi mmwe. Nja kukola buli kimu. Kimu kye muba mukola, mundayirire eri Katonda wammwe, nti ab’enju yange banaatalizibwa.” Kiikyo.

N’agamba nti, “Nja ku. . . Bw’onootwala akabonero kano, kinaaba bwe kityo.”

93 Erieza yasoberwa bwe yaweebwa obuvunaanyizibwa obw’okunoonyeza Isaaka omugole. Erieza ow’e Damasiko yali musajja wa kitalo. Yalaba okuganja eri Ibulayimu, bw’atyo Ibulayimu n’amwesiga okugenda anoonye omugole, omugole omutuufu, ku lwa mutabani we, Isaaka. Nga Kristo yali wa kuzaalibwa kuyita mu oyo.

94 Kati, Erieza, nga bwe yali omusajja ow’omwoyo, yategeera kye kyali kitegeeza. Omukazi omutuufu ye yalina okuba nti—nti y’anaafumbirwa omusajja oli. Naye yali wa kumulonda atya? Mu kaseera nga yeebuuza bw’anaakikola, bwe yatuuka mu kibuga, yasaba n’agamba nti, “Mukama Katonda!” Ky’ekyo. Bw’osoberwa nga tomanyi kya kukola, ssaba. “Ayi Mukama Katonda, leka omuwala anaasooka okujja n’awa eŋŋamira amazzi, nange n’ampa eky’okunywa, abeere nga ye oyo.” Yasaba mu kaseera nga asobeddwa.

95 Lebeeka, omuwala alabika obulungi, n’ajja, n’anywesa eŋŋamira. Ye kwe kumugamba nti, “Tondwiisa mu lugendo lwange.” Yalina okutuuka mu kaseera ak’okusalawo oba nga anaagenda. Yali kifaananyi kya Mugole. Anaagenda—anaagenda afumbirwe omusajja gw’atalabanganako? Kati nno, ekyo kintu kikulu. Nga tamulabanganako, okuggyako okumuwulirako obuwuluzi ate nga amuwulidde muddu we y’amwogerako.

96 Oyo kifaananyi kya Mugole. Temulabanga ku Kristo. Naye mumuwulira, kuyita mu baweereza Be, okumanya ky’Ali. Ne mutunda buli kintu, ne muleka amaka gammwe, na buli kyonna ekyetaagisa, mugende mumunoonye. Kaakati mwetegereze, kati yalondawo, nga ekyo kifaananyi kya Mugole, n’ava mu maka ge ag’ekibiina ky’eddiini, olaba, n’agenda.

97 Yona, yasuulibwa ebweru w’eryato mu kiseera ky’omuyaga, ku ntobo y’ennyanja, mu lubuto lwa lukwata. Essuubi ly’okuwona lyonna nga tewakyali. Naye ne kimujjira mu birowoozo bye nti Sulemaani, bwe yali awonga yeekaalu, yagamba nti, “Mukama, abantu bwe balibeera mu mutawaana

yonna gye balibeera, ne bakyuka okwolekera yeekaalu eno ne basaba, obawuliranga." Era nga bwe yeekyusiriza mu lubuto lwa lukwata, nzikiriza, yasobola okubaako ne w'afukamira ku maviivi ge, n'ebimeremere mu nda ya lukwata nga bimubunye yenna.

Awo n'asaba nga essuubi liweddewo. Era mu ekyo, mu kaseera ako nga tewakyali ssuubi; nga omukka ogw'okussa abaka mubake mu lubuto lwa lukwata. Naye mu mukka ogwo gwe yabakanga obubasi, oba oli awo yali tamanyi na w'ali, naye n'agamba nti, "Mukama, nzikiriza ntunudde waggulu eri yeekaalu Yo." Era nga abuzaayo enzisa ntono afe, wakati mu kuboyaana yamalirira, n'asaba, mu mbeera eyo. Ekyo kyali tekikolebwangako, naye yali aboyaana. Yasaba, era Katonda n'amukuuma nga mulamu okumala ennaku ssatu emisana n'ekiro, era n'amutuusa mu kifo gye yali alina okutuusa obubaka obwali bumuweereddwa. Kumalirira mu mutima!

98 Kaana, omukazi omugumba mu Bayibuli, yali yeetaaga omwana ow'obulenzi, naatandika okusiiba amufune. N'asiiba n'asaba okutuusa ne kabona mu yeekaalu lwe yalowooza nti yali atamidde. Yali mu nnyiike etenkanika! Nga abakazi abalala bali mu kutunuulira bannaabwe okulaba butambaala ki bwe beesibye ku mitwe; nga bwe mubimanyi; nga abalala bwe batunuula okulaba ngoye ki bannaabwe ze bambadde, n'okwogera ku biki ebigenda mu maaso ku faamu. Kaana ye si bwe yali; ye yeesowolayo mu banne bonna n'agenda ku wolutaali. Yali abadde mu kusiiba. Nga ayagala ekivume kye kimuggyibweko.

Nga kyawukana nnyo n'ekiriwo ensangi zino. Ensangi zino kumpi kiswaaza okuzaala omwana. Mu biseera biri kyali—kyabanga kivume obutazaala mwana.

Bambi n'afukamira ku maviivi ge. N'ekitiibwa kya yeekaalu teyakitunuulira. Ne kabona ow'ekitiibwa teyamulaba bwe yali afuluma. Yali mu kunyigirizibwa okutenkanika okutuusa amaziga ge bwe gaakulukuta, nga akaaba, ali mu nnyiike agamba nti, "Ayi Mukama Katonda, mpa omwana ow'obulenzi. Mpa omwana ow'obulenzi!"

99 Ate, mulabeeyo, yali teyeeyagaliza yekka. Katonda bwe yamuwulira, n'ayanukula okusaba kwe n'amuwa omwana ow'obulenzi, yamuzzaayo n'amuwa Katonda. Era olw'okuba teyayagala kumukodowalira nga Katonda amaze okwanukula okusaba kwe, Katonda yamuwa nnabbi. Ha, ogwo omukisa gwali gwa nsusso. Ha, egyo emikisa bwe gityo Alina mingi nnyo, obuntu obwo obw'ennyongeza bw'Agaba. Si mwana wa bulenzi kyokka, naye nga nnabbi. Ate waali waludde okulabikawo okwolesebwa okw'olwatu mu Isiraeri, okumala emyaka mingi, ddala. Samwiri, nnabbi eyasooka, oluvannyuma lw'emyaka emiyitirivu, ennyo, olw'okuba nnyina yalina ennyiike

etenkanika; olw'okuba yali mugumba, nga asusse n'emyaka egy'okuzaala, nga oba oli awo wa myaka nkaaga, oba nsanvu. Naye n'asaba obuteerekera, nga ateekwa buteekwa okufuna omwana ono! Ekyo kyali kiki? Awatali kubuusabuusa, Katonda yali ayogedde naye.

100 Tosobola kwekyawa n'ofunvubira okutuusa nga Katonda ayogedde naawe. O, Ekkanisa, mugolokoke mwekunkumule! Mwekebere mu birowoozo byammwe, mwezukuse, mu kaseera kano! Tuteekwa okwekyawa ne tufunvubira, oba si ekyo tujja kuzikirira! Waliwo ekijja okuva eri Mukama! Mmanyi kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Waliwo ekijja, era tugwanidde okwekyawa tufunvubire nga bukyali. Kiri wakati wa Bulamu na kufa. Kijja kutuyitamu tetujja na kukiraba.

101 Kubanga teyeeyagaliza yekka, olw'ekyo yaweebwa nnabbi.

102 Omukazi Omusunammu eyaazaala akalenzi oluvannyuma lwa nnabbi okwogera Ekigambo kya Mukama, newankubadde yali mukadde era nga ne bba mukadde. Tebaalina baana, naye omukazi ono yali wa kisa eri—eri nnabbi ono. Era yakitegeera nti yali musajja wa Katonda. Yakitegeera nti yali musajja wa kitiibwa, nga musajja ddala. Yajja awaka, nga bba taliiwo, n'abalala. Yali musajja mutukuvu. Baasobola okukiraba nti muntu wa kitiibwa. Omukazi yali yamulabako nga akola obubonero n'ebyamagero. Yali yamuwulirako nga ayogera ebintu ne bibaawo. Yali musajja wa kitiibwa, omutukuvu.

Omukazi kwe kugamba bba nti, "Ntuuse okukitegeera nti omusajja ono bulijjo akyaama wano musajja mutukuvu." Muka nnyinimu, yakitegeera nti yali musajja mutukuvu. Bw'atyo n'amuzimbirawo akayumba, asobole okwegazaanya awulire bulungi. Asobole okuyitirangawo buli lw'anaabanga ayagadde, bw'atyo. N'ateekamu aka—akatanda, n'aka—n'akasumbi k'amazzi, n'ebirala, anaabengako afune n'eky'okunywa. Era osanga yatumanga n'omuwala omukozi, oba omuntu omulala, nga omusenero, n'a—n'ajja n'amugabula emmere, naye kennyini n'ayitirangawo n'amusiibula n'a—n'amwagaliza olunaku olulungi, oba ekintu bwe kityo.

103 Kale, bw'atyo, Eriya bwe yalaba ekisa ekimukoleddwa. Kuba kyawandiikibwa nti, "Ekyo kye mukolera omu ku baana Bange bano, muba mukikoledde Nze." Kale ekyo omukazi yakiraba, omukazi mu kussa ekitiibwa mu nnabbi ono yali assaamu Katonda kitiibwa, kuba yali alabye Katonda mu nnabbi. Kati, ate, yali takikolera mpeera. Tekyali mu mutima gwe kubaako ky'afuna. Yakikola bukozi kubanga yali ayagala Katonda. Teyakikola lwa kunoonya mukisa gwonna. Yakikola bukozi.

104 Kati, kaakati Eriya n'agamba nti, "Genda omubuuze, oba alina ky'ayagala mmwogerere eri kabaka? Ndi mukwano gwe. Oba, omuduumizi omukulu, mmu—mmumanyi bulungi

nnyo. Nnina okubaako ne kye mmukolera, kyonna kye nnyinza okumukolera, njagala mbeeko kye mmuwa olw'engeri gy'andabiriddemu. Anda—angabiriddenga n'eby'okulya. Antegekeddenga aw'okusula. Era—era abaddenga mulungi nnyo gye tuli. Kaakati kiki kye nnyinza okukola?"

Omukazi n'agamba nti, "Nedda, nze mbeera mu bantu bange. Tuli—tuli bulungi. Mu by'obulamu tetujula, ky'ekyo. Tetulina kye twetaaga."

Awo Gekazi n'agamba nnabbi nti, "Naye talina mwana yenna."

105 Olaba ne Gekazi yakiraba, ddala ne nnabbi ateekwa okuba yalaba okwolesebwa, kubanga yagamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Genda omugambe nti, mu kiseera ekituufu, manya mu kiseera ekigere, mu bbanga lya mwaka gumu okuva kati, ajja kulera omwana ow'obulenzi."

106 Era omwana ow'obulenzi n'azaalibwa. Bwe yali aweza emyaka nga kkumi n'ebiri. . . Abafumbo bano nga bateekwa okuba nga baali baagala nnyo omulenzi ono, omwana waabwe gwe baalina omu yekka. Naye lumu aba ali eyo akungula eŋŋaano, ne kitaawe. Buteekwa okuba nga bwali budde bwa ttuntu, ndowooza, akasana kaamwokya ekisusse, kubanga yatandika okusinda nti, "Omutwe gunzita." Ne yeeyongerera ddala okuba obubi. Kitaawe yalina okumuggyayo mu nnimiro, embeera yali mbi nnyo ddala, okutuusa nti yatuma omuddu, n'amuzzaayo.

107 Nnyina n'amulera okutuusa olw'eggulo, n'afa. Mwetegereze, omwana we omu yekka gwe yalina, eyali yamuweebwa Mukama, okuyita mu kusaba n'ekisuubizo kya nnabbi awamu ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Yakimanya nti waliwo ekitali kituufu. Kyali tekikola makulu. Katonda maama ono yali ayinza atya okumuwa omwana oyo n'aganya n'o—n'omukwano gwe okulabisibwa eri omwana oyo? Nga ate teyamumusabaako. Yali mukadde nnyo okuzaala omwana oyo. Omukono gwa Katonda gwe gwalina okukirangirira. Omusajja n'akyogera, nnabbi. Kyokka ate kati omwana wuuno ali mu mbeera eno, afudde, omutabani yekka gw'alina.

Omukazi kye yava agamba omuddu nti, "Ntegekera ennyumbu, ontwale, ate toyimirira. Omuntu yenna bw'agezaako okukuyimiriza, tomunyega, wabula genda butereevu okutuuka ku Lusozi Kalumeeri. Waggulu eri mu mpuku, eyeesuddeko ewala, waliyo omuweereza wa Katonda ali Waggulu Ennyo; oyo eyaŋŋamba nti, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ndizaala omwana. Njagala kumanya lwaki kino Katonda akikoze." Kale n'agamba nti. . . "Genda butereevu mu maaso ennyumbu togiyimiriza. Gireke edduke nga bw'esobola n'amaanyi gaayo gonna. Gireke edduke okutuusa nga otuuseeyo." Kusoberwa!

108 Awo Eriya nnabbi n'asituka, n'alengera, n'agamba nti, "Omusunammu oli wuuno azze, naye, waliwo, ekikyamu ekimutuseeko. Katonda akinkisizza. Ssimanyi kikyamu ki ekiguddewo." N'agamba nti, "Genda, omusisinkane. Nnina . . . Leka twanguweko. Waliwo ekitali bulungi."

Nnabbi ne gamwesiba, nga n'omukazi naye asobeddwa. Mulaba, baali bajja okusisinkana; nga omu ayagala kumanya Ekigambo kya Mukama bwe kigamba, ate nga omulala tamanyi Kigambo kya Mukama bwe kigamba. Kiikyo nno kaakano. Omu nga ayagala kukimanya, ate nga omulala takimanyi. Omukazi yali ayagala kukimanya, nga ate nnabbi takimanyi. Yagamba nti, "Katonda akinkisizza. Ssimanyi kya kumugamba nga atuuse wano."

Kati omukazi aba anaatera okumutuukako. N'ayimusa omukono gwe, n'agamba nti, "Mirembe gy'oli? Balo ali bulungi? Omwana wo ali bulungi?"

109 Kati, omukazi yali atuuse ku nkomerero y'okusoberwa kwe. N'agamba nti, "Byonna biri bulungi!" Ekitiibwa! "Byonna biri bulungi!" Okusoberwa kwe kwali kukomye. Yali asisinkanye omuweereza wa Mukama. Ssinga teyaliiwo, omukazi yandisigadde akyasobeddwa. Naye, olaba, yali w'ali. Omukazi kwe kugamba nti, "Byonna biri bulungi!"

Erisa muli ne yebuuza nti, "Kati, kiki ekigenda mu maaso?"

110 Omukazi kye yava adduka n'ayambuka gy'ali n'agwa ku bigere bye. Ekyo kyalabika nga ekitali kya bulijjo, Gekazi kye yava amuyimusa. N'amugamba nti, "Muleke, tokikola ekyo." Eriya n'agamba omuddu we nti, "Tokikola. Muleke. Waliwo ekitali bulungi. Katonda akinkisizza." Awo omukazi kwe kumutegeeza nti omwana yafudde.

111 Kati, nnabbi nga n'eky'okukola takimanyi. N'agamba nti, "Gekazi, twala omuggo guno gwe ntambuzzanga." Yali akimanyi nti buli ky'akwatako kiriko omukisa, kubanga teyali ye, wabula Katonda eyamulimu. Yali amanyi ky'ali. Yali yeemanyi nti nnabbi. Kye yava aggyawo omuggo guno n'agamba nti, "Gekazi, gutwale, oguteeke ku mwana. Era bwe wabaawo omuntu yenna ayogera gy'oli, ggwe sigala nga omaliridde. Tobuuza omuntu yenna, era toleka o . . . Genda bugenzi mu maaso, tobaako muntu yenna gw'oyogera naye. Oguteeke ku mwana."

112 Naye, omukazi, ekyo tekyamalawo kusoberwa kwe. Ekyo tekyamatiza nsonga yali emuleese. Kye yava agamba nti, "Mukama Katonda nga bw'ali omulamu, ssi—ssigenda kukuvaako okutuusa nga ogenze n'oweereza eri omwana."

113 Awo Eriya ne bimusoberera ddala. N'asimbula, n'aserengeta, wamu n'omukazi. Bwe baatuukayo, aba . . . abantu bonna baali awo mu luggya, nga bakaaba n'okwaziirana. Ate omukazi yali akoze ekintu kyennyini ekituufu kye yali asobola okukola. Omwana yamutwala n'amugalamiza ku buliri Eriya kwe

yasulanga. Ekyo kyali kifaanaganako n'okukozesa omuggo gwe. Naye ne bwe yamugalamizaako teyazuukuka, n'olwekyo ekyo tekyakola. Yali ayagalayo ekyawukana ku ebyo.

114 Nnabbi n'ayingira munda. Kati wano nga gamwesibye. Kaakati agenda kukola ki? Era tukiraba mu Bayibuli nti yeetala awo mu kasenge nga bw'adda eno n'eri, nga gamwesibye. "Ssimanyiiyo kirala kyonna kya kukola, Mukama. Nzuuno. Ggwe waŋŋamba okugamba omukazi oyo nti BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Era ddala kyali nga bwe nnamugamba, kubanga Ggwe waŋŋamba. Kati, wuuyo ali mu buzibu, naye ssimanyi kya kukola. Omulenzi wuuyo agalamidde awo yafudde. Nkole ntya, Mukama?"

115 Awatali kubuusabuusa Omwoyo Omutukuvu ateekwa okuba yagamba nti, "Katonda bw'aba ali mu ggwe, galamira ku mwana." Amangu ago, n'alekera awo okwetala, n'adduka n'ateeka emikono gye ku gy'omwana, ennyindo ye ku y'omwana, emimwa gye ku gy'omwana. Era olwamugalamirako, omwana n'ayasimula emirundi musanvu. Akatuubagiro n'okusoberwa ne bikoma.

Omwana n'alamuka, kubanga okusoberwa okwo kwawaliriza omukazi okugenda eri nnabbi, ne nnabbi amagezi bwe gaamwesiba kyamuwaliriza okugenda eri omwana. Era okusoberwa kwabwe bombi kwaleetera Katonda okulabisibwa. Awamu n'okwagala kwa Katonda, n'okwagala eri abantu be, byaleetera okwagala kwa Katonda okukka, ne biteeka okukkiriza ku mwanjo mu ddwaaniro, omulimu ne gukolebwa. Ekizibu ne kiggwa. Amiina! Ky'ekyo. Okufunvubira kwe kukikola. Ddala! Omukazi teyali wa kuvaawo.

116 Battimaayo omuzibe yalowooza nti Yesu yali agenda kumuyitako awo, we yatuulanga ku mulyango omunene, nga masiikiini omuzibe, nga asabiriza. Aba ali awo, n'awulira oluyoogaano; nga Yesu ayitawo. N'abuuza nti, "Ani oyo ayitawo?" Ne wabaawo eyamusindika n'agwa eri. N'abuuza nti, "Bannange, munnyambe, ani oyo ayitawo?"

Omu ku bo, oba oli awo, yali muyigirizwa omukazi eyali ow'ekisa, n'amugamba nti, "Ssebo, ggwe atamanyi Oyo ayitawo?"

"Nedda. Nze mpulira abamu bagamba nti, 'Engulu eno waliyo limbo nnamba ejjuddemu abafu. Kale bw'oba ozuukiza abafu, genda naabo obazuukize.' Ono muvvoozi oba muntu ki?"

"Nedda si muvvoozi. Wali owuliddeko ku Nnabbi oli ow'e Galiraaya, Nnabbi oyo omuto ayitibwa Yesu ow'e Nazaleesi?"

"Nedda."

"Kati, omanyi, mu Bayibuli wagamba mu mizingo gyaffe nti Omwana wa Dawudi aliyimusibwa agituuleko. Kati ye Oyo."

"Ye Ye? Ye Ye, ye Oyo ayitawo?"

Okwekyawa ne kumuwaliriza okuleekaanira waggulu nti, "Ayi Yesu, Ggwe Omwana wa Dawudi, onsaasire!"

Tompitako, Ayi Omulokozi ow'ekisa,
Wulira okukaaba kwange okw'obwetowaze;
Nga bw'Okyalira abalala,
Nange tompitako.

"Ayi Yesu!"

Abamu ku bo ne bamugamba nti, "Sirika! Oyitirizza okuleekaana."

117 Naye yali mumalirivu nga yeetaaga kuyambibwa. Nga ssinga Amuyitako, oba oli awo taliddamu kufuna kakisa kalala. Naffe tuyinza obutakafuna; kino kyandiba ekiro ekisembayo. Okumalirira! Yalekaanira waggulu nti, "Ayi Yesu!" Ne bwe yali ani yenna eyamugamba asirike, yeeyongera bweyongezi, kuleekaana. Bwe baamugamba okusirika, ate kyamwongera bwongezi kuleekaana. Yali mumalirivu. Nga tewali asobola kumusirisa. "Ayi Omwana wa Dawudi, onsaasire!" N'aleekaana n'obumalirivu bwonna.

118 Era Omwana wa Katonda, nga yeetisse ebibi by'ensi ku bibegabega Bye, agenda e Yerusaalemi okuweebwayo, mu kaseera ako, nga ssaddaaka ku lw'ensi, n'Ayimirira. Okumalirira, okwaziirana, kwayimiriza Omwana wa Katonda. N'agamba nti, "Kiki ky'oyagala Nkukolere?" O!

N'agamba nti, "Mukama, njagala nzibuke amaaso."

N'amugamba nti, "Genda makubo go, okukkiriza kwo kukuwonyezza."

Ekyo kyali kimala. Okumalirira! Okumalirira bwe kuba kwa kubaako ne kye kufuna, ne bwe kuba kukomebwako okusingirayo ddala obutono, okukkiriza kukibakirawo mangu ddala. Okiraba? Teyagamba mbu, "Kati lindako katono, lindako katono, sooka okwatiriremukko eddakiika, leka ndabe oba kati nsobola okulaba. Ssirabanga mikono gyange bwe gifaanana, emyaka gino gyonna. Leka tulabe oba kati nsobola okugiraba. Ssinnabaako kye ndaba." Yesu olwamugamba nti, "Okukkiriza kwo kukuwonyezza," ekyo kyali kimala. Kye kyokka kye yali ayagala.

119 Okumalirira kuyinza okubaako ekintu kye kubanja, era ekintu ekyo, ne bwe kiba kitono kitya, kifunibwa, kikkiririzibwawo amangu ago, kubanga okukkiriza kusimba amakanda bwe kusindikibwa okumalirira. Olaba? Okwagala okuba munda muli kwetabula wamu n'okukkiriza ne kuleeta okukkiriza eri okumalirira. Okumalirira kwe kukikola.

Battimaayo omuzibe yazibukirawo amaaso amangu ago.

120 Peetero, yeesisiwala, lumu ekiro ku nnyanja, omutima bwe gwamutyemuka n'atya nnyo. N'aleekaana nti, "Waliwo ekitali kituufu. Ndaba omuzimu ogujja, gutambula nga gujja gyendi!"

Eryato lyali linaatera okubbira. N'agamba nti, "Bw'oba nga ye Ggwe, Mukama, mpita nzije gy'oli ku mazzi." N'ava mu lyato n'asimbula; naye ate n'atya nga amaze okusimbula, n'atandika okubbira, awo okutya okutenkanika. . . Wadde eyo yali nsobi, gye yakola nga agezaako okugondera ebiragiro bya Katonda, . . . Ka nsuubire nti ekyo ekkanisa ekifuna. Omusajja yali akola ekyo Katonda kye yamugamba akole.

121 Kaakati, ggwe Omukristaayo akawungeezi ka leero, oli ku mulimu gw'obuvunaanyizibwa bwo, nga ogezaako okugoberera okukulemberwa kw'Omwoyo Omutukuvu; naye kkookolo n'akugwira, oba o—olumbe ne lukugwira, kkookolo, akafuba, oba endwadde endala yonna. Nga oli ku mulimu gw'obuvunaanyizibwa bwo, olina eddembe lye limu nga Peetero lye yalina.

"Mukama, ndokola, bw'otandokola ŋŋenda kuzikirira." Wakati mu kutya okutenkanika n'alaajana, era omukono ne gugololwa gy'ali ne gumusikayo. Naawe olina ekintu kye kimu. Naye yaleekaana nti, "Mukama, ndokola!"

> Yawulira okwaziirana kwange,
> N'annyimusa okuva mu ddubi, kaakano ssiriiko kabi konna. Olaba?

122 Ky'ekyo, bw'okaaba n'okowoola!

123 Oba oli awo, omukazi ono, yandiba nga yali nnyina, oba oluganda lwonna lwe yamulinako, nga mutabani we, oba muzzukulu we, oba mwana wa muganda we, kyonna kye yali, naye yaalajana. Katonda n'awulira.

124 Kati tukiraba nti, bwe yali abbira, Katonda yamuwulira. Nga ali ku mulimu ogw'obuvunaanyizibwa bwe, yatandika okubbira. Yalemwa. Ne bw'olemwa, ekyo tekikikirinaako kakwaate yadde. Ffenna tulemwa. N'okusooka kwa byonna, tuli bakiremwa. Naye tulina Oyo ayimiridde kaakano n'omukono ogw'amaanyi, Oyo asobola okututuukako n'atusika n'atuzza waggulu w'amazzi.

125 Bw'okola ensobi, bw'oba mukazi n'okola ensobi, bw'oba musajja n'okola ensobi, bw'oba omulenzi oba omuwala n'okola ensobi; leka kubbira. Wakati mu kusoberwa, laajana nti, "Mukama, ndokola, bw'otandokole ŋŋenda kuzikirira!" Laajana. Katonda ajja kukuwulira. Bulijjo awulira emmeeme eraajana nga esobeddwa tekyamanyi kya kukola. Ekyo kye ngezaako okubategeeza.

126 Ne Mukama waffe omwagalwa Yesu, Ye kennyini, mu ddwaaniro ly'olutalo olukyasinzeeyo obuzibu mu nsi, e Gesusemane, yalaajana, nga asobeddwa. Nga yeebuuza ddala Yeetikke ebibi by'ensi byonna, oba Yeesigalire ku nsi n'abayigirizwa Be abaagalwa, nga ekyo kye Yali ayagala okukola? Naye laba obwetowaze Bwe engeri gye yeewombeekamu n'agamba nti, "Si nga Nze bwe njagala

naye nga Ggwe bw'oyagala," ne yeewombeeka eri Ekigambo, Ekigambo ekyasuubizibwa ekya Katonda ow'Eggulu.

Weetegereze, oluvannyuma, ne Yeeyongerayo katono. Kati bw'aba Yeeyongerayokko, ffe tusaanye kweyongerayo kyenkana wa. Mukiraba? Ate mulabeeyo, Ekyawandiikibwa kigamba wano, mu Lukka, nti yasaba n'obumalirivu bwonna. Ow'oluganda, mwannyinaze, Yesu bw'aba yasaba nnyo n'obumalirivu, ate olwo ffe tugwanidde kusaba kyenkana wa n'obumalirivu. Oba Kristo, Katonda ow'Eggulu, ayambadde omubiri, yalina okusaba n'obumalirivu, ate olwo ffe, aboonoonyi abaalokolebwa olw'ekisa, kitugwanidde kusaba kyenkana wa n'okumalirira kwonna! Oba—oba nga okusalawo okwo kwaleetera Omwana wa Katonda okusoberwa, olwo ggwe nange kunaatukola ki? Naffe tuteekwa kukaaba na bumalirivu.

127 Katonda, mu nnaku zino ez'oluvannyuma, Atweyolese ennyo, okuyita mu bubonero Bwe obw'ekitalo n'amaanyi, kisaanye okutuleetera okumaliririra ddala. Ky'ekyo. Era olw'okuba Ayagala okutuwonya n'okutulokola, ekyo kisaanye okutuleetera ffenna okumalirira tunoonye okutuuka ku Jjinja eryo eriwonya. Ky'ekyo.

128 Mulabeeyo, Florence Nightingale bw'aba . . . Omuzzukulu nnakabirye ow'omugenzi Florence Nightingale eyatandikawo ekibiina kya Red Cross. Ekifaananyi kye mwakiraba mu katabo, nga azitowa kiro nga kkumi na nnya. Nga yenna kkookolo amumazeewo. Mu London, e Bungereza; baamujja mu Afirika, ne bamuleeta e Bungereza, mu London. Era mu mbeera eyo nga tewakyali ssuubi . . . Ow'oluganda Bosworth yamuwandiikira, n'amugamba nti, "Tetusobola kujja mu Afirika."

129 N'ayanukula, n'agamba omujjanjabi we awandiike nga agamba nti, "Ssisobola kuggyibwa mu kifo. Ssikisobola."

Ekifaananyi twakibalaga. Ekifaananyi mwakiraba. Lwakuba twakibikkako akantu. Kyaliko akawuzi katono bwe kati okwetooloola. Nnalowooza oba oli awo omuntu omu, ssinga tukiteeka mu katabo, ayinza okukivumirira kubanga yali . . . omubiri gwe gwonna gwali tegubikkiddwaako yadde, kale . . . kye twava tumubikkako akantu *wano* bwe tuti. Yalinako ka—kawero kokka, akatawulo nga k'asibiddwaako kokka, mu kiwato. Naye waggulu, nga teri kintu kyonna. Era ne ku . . . Naye twalowooza nti tusobola okuteekako akapapula ku kifaananyi ne tukikuba . . . ne tukuba ekifaananyi ekyo. Kiyambe abantu ab'endowooza enkyamu, baleme kunvumirira olw'okuteeka ekifaananyi ekyo mu lupapula lw'amawulire nga kiri bwe kityo.

130 Kati omusawo bwe yagamba nti yali tasobola kuggyibwa mu kifo, naye oluvannyuma n'akitegeerako nti nnali wa kukyalako mu Bungereza, yabasaba bamuteeke ku katanda k'abalwadde, bamuteeke mu nnyonyi, bamuleete e London, mu Bungereza, ne batuma omuserikale okuva ku nnyonyi nga tebannamutuusa

mu Lubiri e Buckingham, omuserikale n'atuyita tugende tumusabire. Naye yali aweddeyo yenna nga tasobola na kwogera nange. Omukono gwe baalina kuguyimusa buyimusa okuguteeka mu ngalo zange.

131 Mumanyi ekibuga London bwe kiri, abamu ku mmwe abajaasi mwali mubaddeyokko. Buli kaseera kibeera kikutte olufu. Ne nfukamira awo ku mabbali g'eddirisa, awo n'a . . .

Nga amaziga gamukulukuta. Yali ayagala ku . . . Ssimanyi na mazzi we gaava mu mubiri gwe okusobola okuvaamu amaziga. Yenna yali magumba meereere, agaaliko akabubi k'akasusu; nga n'amagulu ge—ge waggulu eno mu kiwato gaali tegaweza, gandabikira nga, agaali gaweza yinci nga bbiri bubiri obunene, oba yinci ssatu. Emisuwa gye nga gyagwamu omusaayi. Ssimanyi na kumanya, ngeri gye yasobola kuba nga akyali mulamu. Mwalaba ekifaananyi kye oluvannyuma.

132 Ne nfukamira awo ku mabbali g'ekitanda. Kati, yali amaliridde; oba nnali nsobola okugendayo oba ssisobola, ye mu buli ngeri, baali bagenda kumuleeta. Ne nfukamira wansi awo, nga omutima gunnuma munda muli, olw'okukkiriza kw'ekitonde kino, bambi, ekiri mu mbeera ey'okufa, ne nsaba n'omutima gwange gwonna. Bwe nnatandika okusaba, ne wajja ejjiba, ne libuuka ne lijja ku ddirisa, ne litandika okwetalira awo, nga bwe liyimba. Nze nnalowooza nti lya waka. Mu Bungereza nnali ssinnawezaamu yadde essaawa emu bw'eti, nga nnaakava ku kisaawe ky'ennyonyi. Kale nnalowooza nti libeera waka awo. Naye bwe nnasituka, ne ŋŋamba nti, "Amiina," ne libuuka ne ligenda.

Ne ntandika okubuuza ab'oluganda oba ejjiba eryo baliwulidde. Nabo baali balyogerako, kati mba mbabuuza nti, "Mulirabye, ejjiba eryo kyonna kye litegeeza . . ." Ne kinva mu kamwa nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ojja kuba mulamu tojja kufa."

N'okutuusa kati mulamu. Lwaki? Kumalirira. Okumalirira kwaleetera omukazi oyo okusalawo, oba nfa nfe. Okumalirira kwe kwakitegeka ne kiba nti yatuukira mu kaseera kennyini nange we nnatuukira. Era nga akabonero okuva eri Katonda, Yatuma ejjiba, okuwa BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kumalirira!

133 Mwannyinaffe, omukadde Hattie Waldrop ow'e Phoenix, mu Arizona, bwe baali bamuleeta, mu lukuŋŋaana lwange olwasooka. Nga omuyizi eyali asoma obusawo ne bba bamuleeta; bwe yalina kkookolo w'omutima. Yali amaliridde, okujja mu lukuŋŋaana, naye n'atuuka n'aba bubi nnyo nga . . . nga takyasobola na kussa, nga omusaayi guddayo ne gutonnya mu mutima wali kkookolo we yali alidde mu mutima gwe. Kati, yali kkookolo w'omutima! Ekyo kyaliwo emyaka nga kkumi na

munaana oba kkumi na mwenda egiyise, kirabika abiri, kyaliwo mu 1947.

134 Kati, yagamba bba awamu n'omuyizi ono eyali asoma obusawo nti, "Ne bwe nfiira mu lunyiriri luno, era muntwaleyo mu maaso." Okufunvubira. Kati yazirika. Ssirowooza nti yali afudde; ye agamba yali afudde. Kati, yandiba nga yali afudde. Ayinza okuwulira olutambi luno, olaba. Kaakati nze—nze—nze . . . Ye, yagamba yali afudde; nze ssimanyi. Baŋŋamba bugambi nti, "Waliwo omukazi afiiridde mu lunyiriri gwe baleeta." Era omukazi bwe baamutuusaawo, yali taliimu bulamu. Naye bwe baamutuusa mu maaso, Ekigambo kya Mukama ne kijja; ne ŋŋenda ne mmussaako emikono, n'agolokoka era yaddayo eka, nga atambula. Gino kaakati, nsobola okwogera, nga ssitya, nti giringa emyaka kkumi na munaana egyakayitawo, era gy'ali mulamu tteke n'omutima gwe mulamu ddala . . . Ajja kubaayo e Tucson okunsisinkana bwe nnaagendayo. Okufunvubira, "Ne bwe nfiira mu kkubo, era, muntuuseeyo. Yawonya abalala, nange Ajja kumponya." Nga mwetegefu!

135 Kale emitima gyaffe ka gijjule okwagala mu biseera bino, era tubeere banyiikivu, tumalirire. Kubanga oluvannyuma lw'akaseera bwandiba ekikeerezi ennyo.

136 Yayiro lumu yalina kawala ke akaali kanaatera okufa. Yali mukkiriza wa ku nsalosalo. Yali akkiriza Yesu, wabula nga atya okukyatula, kubanga bandimugobye mu kkuŋŋaaniro. Naye omusawo yajja lumu ku makya, n'amugamba nti, "Kaakano afa." Ne yeekyawa. Okusinziira ku kifo ky'obuvunaanyizibwa bwe, yali tateekwa, kulabibwa na Yesu ow'e Nazaleesi, kubanga yali asobola okugobebwa ku mulimu gwe nga kabona.

Naye nkubuulira, akaseera ak'akatyabaga bwe kaatuuka, kaamuwaliriza okwekyawa n'anoonya obuyambi. Nkubamu akafaananyi nga mmulaba anoonya ekkooti ye ey'obwakabona n'enkoofiira ye, n'abyenaanika. N'ajja nga ayita mu kibiina, nga bw'awaguza; awaali omukazi eyali yaakakwata ku kyambalo Kye, n'abalala, nga bonna baleekaana okukamala. Naye n'ayingira munda n'agamba nti, "Omuyigiriza, muwala wange ali ku njegooyego za kufa. Omuyigiriza, Omuyigiriza kawala kange kali ku njegooyego za kufa, naye ssinga Ojja n'okateekako emikono Gyo, kanaalama." Ha, bannange! Okwekyawa oluusi kukwogeza ebintu, kukukozesa ebintu. Kukuleetera okubaako ky'okola. Muwala we yawonyezebwa lwa kwekyawa.

137 Leka twekyawe, nga omukazi oli eyalina ekikulukuto ky'omusaayi. Bayibuli egamba nti yali asaasaanyizza ssente ze zonna, mu basawo, kyokka nga balemeddwa okumuyamba. Yatandika mu kiseera abakyala we bakoma okuzaala, ekikulukuto we kyatandikira, omusaayi ne gutandika okumuvaamu, nga tegulekera awo. Oba oli awo ffaamu

baagitunda, n'ennyumbu, n'embalaasi, na buli kimu; naye byonna ne bitamuyamba. Ate bakabona baabwe baali baamukuutira obuteesembereza bintu bya ngeri eyo. Naye lumu ku makya yatunula emmanga. Yabeeranga kumpi n'omugga, ku ludda olw'eky'engulu ffaamu ye we yali, n'alengera ekibinja ky'abantu nga beetoolodde Omusajja wammanga eyo, ne beebuuza nti, "Kiki ekyo?"

Oli n'agamba nti, "Oyo ye Yesu ow'e Nazaleesi." N'amalirira.

N'agamba nti, "Mpisibwamu amaaso. Ka—ka. . . Naye ssinga nkwata bukwasi ku mukugiro gw'ekyambalo Kye, nja kuwonyezebwa." Bw'atyo n'ayita ku buli mukolokosi na buli kimu kyonna. N'amalirirza nga atuuse wali wennyini, n'akwata ku kyambalo Kye, nga amaliridde.

Era olwakikola, n'Akyuka n'agamba nti, "Ani ankutteko?" Bonna ne beegaana. Naye ne yeetoolooza amaaso. Yalina ekirabo kya Katonda eky'amaanyi. Yali Katonda; era n'Alaba mukazi wattu ono bambi n'amugamba nti ekikulukuto kye eky'omusaayi kikomye. Okumalirira kwe kwamuwaliriza okukola ekyo.

138 Kwali kumalirira kwe kwawaliriza—kwe kwawaliriza kabaka omukazi ow'omu Bukiikaddyo. Yawulira ku kirabo kya Katonda ekyali kikolera mu Sulemaani. Okumalirira ne kumuwaliriza agendeyo.

139 Kumalirira! Abo baali bantu, nga ggwe, nga nze. Tebaali ba njawulo ku ggwe nange. Baalina obusimu butaano. Baalyanga emmere, baanywanga, n'ebirala byonna, nga bwe tukola, baabeerawo oluvannyuma ne bafa. Baali bantu.

140 Kyamuteeka mu kuyaayaana okutagambika n'amalirira n'atuuka n'okutwala ekitundu ku bwakabaka bwe. Kyatuuka n'okumwerabiza Abayisimaeri abaali bayinza n'okumunyagululira mu ddungu, mu nnaku ekyenda ze yali ow'okumala nga yeebagadde eŋŋamira okuyita mu Ddungu lya Sahara. Kumalirira! Nga mu buli ngeri yonna, agenda. Era bwe yatuukayo, Sulemaani talina n'ekimu kye yamukweka ku ebyo bye yali ayagala okumanya. Kumalirira! Yesu yagamba nti, "Alivaayo ku Lunaku olw'Omusango, n'omulembe guno, n'agusalira omusango, kubanga ate oyo asinga Sulemaani obukulu yali wano." Kumalirira!

141 Nga mmaliriza leka njogere kino. Gye buvuddeko, emmanga mu Mexico, nnalabayo ekintu ekinakuwaza. Nnali nnaakatuuka ku kituuti, mu kisaawe ekinene, nga abantu baalinze dda okuva ku ssaawa ssatu ez'enkya, mu kaseera ako zaali zinaatera okuwera ssaawa nnya ez'ekiro. Waaliwo omusajja omukadde omuzibe, eggulo limu, eyali yazibuse amaaso, oluvannyuma lw'emyaka nga asatu nga muzibe, eyali ayitaayita mu kibuga ku olwo, nga awa obujulizi. Waaliwo entuumu y'engoye enkadde, nga ziweza nga fuuti kyenda oba kikumi mu abiri, nga zigulumidde waggulu *ziti,* nga bitambaala ebikadde. Waaliwo

abantu nga emitwalo ena, oba etaano. Wamu n'enkoofiira n'ebitambaala, oba byali bya b'ani, ndowooza ekyo baalina kukikkaanyaako nga bo buli omu okumanya ekikye. Ate enkuba yali efukumuka.

142 Baakozesa na muguwa, okumbuusa ekisenge okunzisa wansi, nsobole okutuuka ku kituuti. Omuweereza . . . Omusajja ono atudde wano, ne banne be baali bamuleese . . . Omusajja ono ne muwala we bava Michigan era eddakiika ntono eziyise, ayogedde ku W'oluganda Arment. Ndowooza ffenna tumujjukira wano. Ekiro kya leero ali ku nguudo z'omu Kitiibwa. Ow'oluganda Arment oyo yaliwo, era yaggyako ekkooti ye, ye n'ayimirira mu nkuba, ekkooti n'agiwa Ow'oluganda Jack Moore agyambale, kubanga Jack yali ajugumira. Munnabukiikaddyo yali anaatera okufa obutiti mu nkuba eyo ennyinyogovu ennyo e Mexico. Kale yali ayimiridde awo.

143 Awo Billy Paul n'ajja gyendi, mutabani wange, n'aŋŋamba nti, "Taata, oteekwa okubaako ne ky'okola. Waliwo omukazi Omumekisiko wali eri alina omwana omuwere eyamufuddeko ku makya ga leero. Ssirina bakebezi bangi kimala basobola kumuziyiza butataataaganya lunyiriri." Bwe kiba nga okussa emikono ku musajja omuzibe oli kyamuzibudde amaaso, kitegeeza n'okussa emikono ku mwana w'omukyala ono, kijja kumuddiza obulamu bwe. Omukazi yali Mukatuliki. Naye, ya, baalemwa okumuziyiza.

Kati Ow'oluganda Espinoza ne banne baali baamugambye nti, "Tetukyalinawo kaadi za baakusabirwa. Olina okulinda okutuusa akawungeezi akalala."

144 N'agamba nti, "Omwana wange yafudde. Yafudde ku makya ga leero. Nteekwa okutuuka mu maaso eri." Era yali ajja oba alina kkaadi y'ab'okusabirwa, oba talina. Abakebezi nga ebikumi bisatu ne basimba olunyiriri okumuziyiza. Naye n'abayita wansi mu magulu, n'ababuuka emigongo, nga bw'adduka n'omwana we omufu, nga eno bw'abagwiira. Nga tafaayo; wabula nga afuba kutuuka mu maaso. Yali amaliridde. Katonda yali yayogedde eri omutima gwe, nti, "Katonda asobola okuzibula amaaso, asobola n'okugaba obulamu." Ha, bannange! Yali amaliridde. Waaliwo ekyali kibugujja munda mu ye.

145 O, mmwe abalwadde, ssinga muleka ekyo ne kibugujja munda mu mmwe okumala akabanga, ne mulaba ekinaddirira, obumalirivu obwenkanidde awo. Katonda eyasobola okuwonya akalenzi kano ekiro kya luli, eyasobola okuwonya omukyala oyo eyalina kkookolo, eyasobola okuwonya omusajja ono, n'akola na kino, ne Mukyala Florence Nightingale, o, n'abalala mitwalo na mitwalo! Oyo, nga, alaga obukakafu obutawakanyizika; nga azuukiza abafu, nga awonya abalwadde, n'ebirala byonna. Bw'Aba nga ye Katonda, nga yasobola okukola ekyo; Ye Katonda

eggulo, era Ye Katonda leero. Funvubira, awo lw'ojja okubaako n'ekikukolerwa.

146 Kale, mu kumalirira okwo, omukazi ono yeeyongera okuwaguza. Ne ŋŋamba Ow'oluganda Jack Moore, ne mmugamba nti, "Omukazi oyo tammanyi. Tandabangako. Omuntu ali ku kituuti wano tamumanyi. Omukazi oyo bambi Omukatuliki, kati, atasobola wadde okwogerayo ekigambo ekimu eky'Olungereza, ayinza atya okwawula gundi ye ali wa ku bonna?" Ne mmugamba nti, "Genda, osabire omwana, ekyo kijja kumumatiza, ajja kukkakkana." Ne ŋŋamba nti, "Era tekijja kuleetawo . . . " Kaali kavuyo kennyini wansi awo. Yagiranga n'abuuka, olwo buli omu n'aleekaana. N'ababuukira ku bibegabega byabwe, ate n'abagwamu. Nga asimbulayo ebigere nga biibyo n'adda mu maaso, ate ne bagezaako okumuzzaayo; n'addamu n'awaguza nga bw'abayita mu magulu, nga akutte omwana we, abakebezi n'abatabulira ddala n'abalala bonna. Nga tafuddeeyo, wabula nga alina okutuuka mu maaso. Nga alina okutuukawo! Ka kibe kiki, nga alina okutuukawo. Waaliwo omuweereza . . .

147 Kaakati ekyo tekifaananira ddala nga eky'omukazi oli Omusunammu? Enjawulo yokka eri nti, kiri kyaliwo emyaka enkumi ssatu mu bitaano egyakayita. Ate kino kyakabaawo emyaka nga esatu egiyise, oba ena. Mukiraba?

Wasobola okubaawo ekintu kye kimu akawungeezi ka leero. Okufunvubira kwe kumu ssinga kusituka, kujja kukasuka okwagala n'okukkiriza ku mwanjo mu ddwaaniro, bibanje by'oyagala, kubanga kisuubizo kya Katonda nti osobola okubifuna. Ekyo kituufu ddala.

148 Nnakyuka; nze, omuweereza, manya omubuulizi w'enjiri eyali mu kifo ekyo. Nnakyuka. Nnawulira nga bambi omukazi mmukwatiddwa ekisa, naye ne ssiwulira kukomebwako kumuyamba. Olaba? Kye nnava nkyuka ne ndowooza muli nti, "Owaaye, Ow'oluganda Jack k'amusabire, ekyo—ekyo kinaakola." Ne nkyuka. Ne ŋŋamba nti, "Nga bwe mbadde ŋŋamba kati, okukkiriza . . . "

Ŋŋenda okutunula erudda, ne wabaawo okwolesebwa. Ne ndaba akaana akawere nga katudde awo, nga kalina obwenyi buddugavu, nga kaana akawere Akamekisiko tekalina mannyo. Nga kantunuulidde kaseka, katudde awo. Ne ŋŋamba nti, "Lindako katono. Lindako katono." Okumalirira kw'omukazi kwaleetera Omwoyo Omutukuvu okukyusa kye nnali njigirizaako, n'akyusa amaaso gange n'andaga omwana oyo omuwere nga atudde awo. Ekyo kyakomyawo Omwoyo. Ne ŋŋamba nti, "Lindako katono. Lindako katono. Omwana mundeetere."

Mukazi wattu n'ajja, nga akutte omulambo gw'omwana we nga gukoma nga *wano* obuwanvu, mu kabulangiti, ak'ebikuubo

ebya bbululu n'ebyeru, akabisi, akatotobadde. N'agwa wansi, nga akutte akasaalaba mu ngalo ze, manyanga ssappule, okusoma "zi mirembe Maria." Ne mmugamba nti, "Giggyewo, eyo teyeetaagisa."

N'asembera we nnali, n'aleekaana nga bw'agamba nti, "Padre," ekitegeeza nti, "Faaza."

Ne mmugamba nti, "Tobyogera ebyo. Tobyogera ebyo. Okkiriza?" N'akimuvvuunulira mu lulimi Olusipeyini, nga amubuuza oba akkiriza.

N'akkiriza nti, "Weewaawo." N'amubuuza ajja atya okuba nti akkiriza. N'agamba nti, "Katonda bw'aba asobola okuzibula amaaso g'omusajja oli omukadde, n'omwana wange asobola okumuwa obulamu." Amiina. Okumalirira kwe kwe kwakimukolera. Nze tewali na kimu kye nnakolawo; nnalaba bulabi kwolesebwa.

Ne ŋŋamba nti, "Mukama Yesu, ndabye okwolesebwa okw'omwana omuwere, ayinza okuba nga ye ono."

Amangu ago akaana ne kasambagala, ne kagira be, "Wha! Wha! Wha!"

Ne mbagamba nti, "Mumuwerekere mugende naye ew'omusawo. Mufune ebbaluwa y'omusawo eraga nti, 'Omwana oyo yafudde.'" Era . . . omusawo n'awandiika ebbaluwa nga egamba nti, "Omwana oyo yalekedde awo okussa, omutima gwe gwasirise enkya ya leero, mu woofiisi yange ku ssaawa ssatu, era yafudde ekiziyiro eky'amawuggwe gombi." Ha, omwana oyo gy'ali mulamu mu Mexico, okusinziira nga bwe mmanyi. Kyajja kitya? Omutima gwa maama ono gwalumwa, n'akaabira omwana we, nga amaze okulaba Katonda nga akola . . . nga awonya amaaso g'omuzibe, n'akimanya nti n'omwana we eyafudde Asobola okumuzuukiza.

149 Okumalirira! "Bwe mulinnoonyanga n'omutima gwammwe gwonna, Ndibawulira." Mukiraba?

150 Obwakababaka! "Amateeka ne bannabbi byabaawo okutuuka ku Yokaana. Okuva ku olwo, Obwakababaka obw'omu Ggulu buzze bubuulirwa, era nga abantu babuyingiramu na kuwaguza." Toyimirira buyimirizi awo n'ogamba nti, "Mukama, nkwata ku kitogi, onsindike munda." Owaguza buwaguza okubuyingiramu. Ofunvubira, nga kiri wakati wa Bulamu na kufa.

151 Ssinga mbadde n'obudde okubabuulirayo ku nsonga endala, gye nnaakalowoozaako kati, ekwata ku mukazi, omuwala, eyakwata ekkubo ekkyaamu, n'engeri gye yagezangako okulekera awo okukola ebikyamu n'ebintu bwe bityo, okutuusa lwe nnamugamba nti, "Mwannyinaze . . . "

Yayimirira n'agamba nti, "Nzi—nzikiriza nja kuba bulungi."

Ne mmugamba nti, "Nedda, nedda! Sigalawo awo."

Oluvannyuma, ekyabaawo, yatandika okusaba mpolampola, ekyavaamu n'atandika okusaba nga eddoboozi ligenda lyeyongera. Bwe waayita akaseera ne yeekyawa, n'agamba nti, "Ayi Katonda, ndokola!"

152 Ekibiina ekibudaabuda Abatawaanyizibwa omwenge kyalemwa okumuwonya. Tewali kintu kyonna kyali kisobola kumuwonya. Wabula amaaso ago amanene amaddugavu, gantunuulira, nga bw'akulukuta amaziga; n'aŋŋamba nti, "Waliwo eky'enjawulo ekibaddewo." Ha, ddala! Yee, ssebo! Waliwo ekyabaawo. Yeekyawa n'amalirira.

153 Leka twekyawe tumalirire ku nsonga eno; nga kiri wakati wa kufa na Bulamu.

154 Bw'oba tosobola kumalirira, totawaana okujja wano. Bw'oba weekyaye nga omaliridde, jangu wano olindirire, o—ojja kukifuna amangu ddala nga waakatuuka wano.

155 Leka tusabe. Mu kumalirira lindirira Obwakabaka bwa Katonda, Bujja kukukkako.

156 Kitaffe Ow'omuggulu, nkusaba mu Linnya lya Yesu, otusaasire, Mukama. Era osiikuule munda mu ffe okumalirira. Ayi Mukama Katonda, nsaba, otusaasire, era leka abantu bakunoonye akawungeezi kano n'emitima egimaliridde. Tumanyi nti Oli wano, Mukama. Obeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

157 Era kaakano leka abantu bano abalina Akabonero, nti bavudde mu kufa ne bayingira mu Bulamu, bakyuse okuva mu nneeyisa y'obulamu bw'ensi obw'edda ne bayingira mu bulamu obupya. Nga ekyo bakikoze. Nga Omusaayi gubasiigidwaako; era, ayi Katonda, bawe Akabonero akalaga. Leka bakwate Akabonero ako mu ngalo zaabwe, abo abalwadde, bagambe nti, "Nnagulibwa Katonda era ndi wuwe. Ndi mu Kristo, era mu Ye temuli ndwadde. Ndi mu Kristo, era mu Ye temuli kibi. Ndi mu Kristo, era mu Ye temuli butakkiriza bwonna. Ŋŋaana era nsazaamu buli kimu Ssetaani ky'aŋŋamba. Nkwata Akabonero kange nga ŋŋamba nti ebyange. . .'Yakubibwa olw'ebyonoono byange; Yabetentebwa olw'obujeemu bwange; ekibonerezo ky'emirembe gyange kyali ku Ye; era olw'emiggo egyamukubwa nnawonyezebwa.' Era kati nnyimusa Akabonero, akalaga nti Katonda anzikirizza, olw'ekigendererwa ekyo, olw'Omuntu, nnagulibwa n'Omusaayi gwa Mukama waffe Yesu. Era nnina Akabonero k'okufa Kwe mu ngalo zange, kubanga yazuukira nate, era ndi Wuwe naye wange. Ŋŋenda n'okukkiriza okw'okumalirira, nti okuva akawungeezi kano okweyongerayo, nzikiriza Katonda, era nja kuwonyezebwa bwe nnaatuukawo mu maaso wali ne ntuukiriza ebisaanyizo."

Kubanga, Ebigambo ebyasembayo okuva mu kamwa Ke, byali nti, "Bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Kikole, ayi Mukama. Leka embeera eyo

okumalirira etutondebwemu, kubanga nkisaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Nsobola, nnyinza, era nzikiriza;
Nsobola, nnyinza, era nzikiriza;
Nsobola, nnyinza, era nzikiriza
Nti Yesu amponya kaakano.

O, nsobola, nnyinza, era nzikiriza;
Nsobola, nnyinza, era nzikiriza;

Lowooza kimu nti, "Mmaliridde!"

Nsobola, nnyinza, era nzikiriza
Nti Yesu amponya kaakano.

158 Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] "Mmaliridde! Mmaliride, olw'ekisa kya Katonda, nti ssirirekera awo okutuusa nga Ekintu ekyo kinkomyeko. Era ŋŋenda mu maaso wali nteekebweko emikono."

Kaakati, Katonda tatuyiwangako. Era nzikiriza nti Omusawo omukulu kaakano ali kumpi. Nzikiriza nti Katonda Oyo eyawandiika Ekigambo, nzikiriza nti Katonda eyakola ssaddaaka, nzikiriza nti Akabonero ka Katonda akatutukuliza ddala okuva mu kibi akawungeezi ka leero, Akabonero ako, Obulamu Bwe Bwennyini, nti kali wano naffe. "Nnaabeeranga nammwe, okutuuka ku nkomerero y'ensi. Mu kaseera katono ensi tejja kuddamu kundaba, naye mmwe munandaba, kubanga Nnaabeeranga nammwe era mu mmwe, okutuuka ku nkomerero y'ensi." Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Nneesize Ye. Nzikiriza Ajja kukikola. Ate mmwe? ["Amiina."]

159 Kati, ekyo oluba okukitandika, ndaba okwolesebwa nga kulabika, amiina, okwolesebwa kwa Mukama okukulu, nga kwogera ebintu ebikulu. Amiina! Naye ekyo ssinga nkitandikako, tujja kumala wano ekiro kyonna. Munaakikkiriza? Mukkiriza? Amiina! Nkikkiriza n'omutima gwange gwonna.

160 Omukazi oli atudde erudda wali okuliraana Ow'oluganda Palmer, mupya gyendi tetumanyiganye. Aviiridde mu Georgia, era atawaanyizibwa endwadde y'ekikyala. Bw'anakkiriza nti Katonda anaamuwonya, Ajja kukikola. Omukazi oyo ssimulabangako mu bulamu bwange, naye ekyo kye kimutawaanya.

161 Omukazi oyo, ssimanyi oba yali awuliddeko ku Bubaka, oba nedda, naye bwe mbadde mbuulira wano, mmulabye. Kikkirize bukkiriza olabe oba si kituufu. Amiina. Ssinga okkiriza bukkiriza! Ky'ekyo.

162 Ate omukyala atudde emabega wali alumizibwa omugongo, gumuluma nnyo ddala, erinnya lye ye Muky. Wisdom. Ssinga okkiriza n'omutima gwo gwonna, Yesu Kristo ajja kukuwonya.

Omukazi ssimulabangako mu bulamu bwange, naye atudde awo, ali mu bulumi. Ayambadde ekiteeteeyi kya kyenvu. Si bwe kiri? Kale. Ffembi tewali yali alabye ku munne? Ddala. Kale, ssebo. Ddayo eka, obeere bulungi. Yesu Kristo akuwonyezza. Amiina.

163 Waliwo omukazi omulala eyaakafuna ekizibu ekyo, eky'okulumwa omugongo, atudde ludda wano. Alumizibwa omugongo. Alina mutabani we, ye alina ekizibu ku mutwe. Uh—huh. Bwe kiri. Muky. Parker lye linnya lye. Mukkirize n'emitima gyammwe gyonna, Yesu Kristo ajja kubawonya mwembi. Amiina! Mwembi muli bapya gyendi tetumanyiganye. Ky'ekyo kyennyini. Amiina! Kkiriza n'omutima gwo gwonna.

164 Wano waliwo omusajja omukulu atudde emabega wano aviiridde Michigan. Alina obuzibu n'amatu ge. Ha, alowooza amaloboozi ag'enjawulo, kizibu kya mwoyo. Si bwe kiri? Okkiriza nti—nti. . . Ekyogera naawe tokimanyi, oba Katonda oba kiki. Owulira amaloboozi mu matu go. Nze naawe tetumanyiganye n'akatono. Bwe kiba nga ekyo kituufu, yimusa emikono gyo, bwe kiba nga ddala ky'ekyo ekikubaako. Tekiriddamu kukutawaanya, Yesu Kristo akuwonyezza.

Mukkiriza Omusawo omukulu? [Ekibiina kisanyuka ne kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

165 Nnandyogedde naawe, naye, engeri gy'ova mu Norway, tojja kubitegeera; otegeera lulimi lwe Norway. Uh-huh. Kale, mwannyinaffe, mutugambire addeyo eka, nga akkiriza, bw'oba omanyi okulwogera. Mugambe nti obuzibu bwe obw'omutwe bujja kumuvaako. Kati, mukitegedde nti ssimumanyi. Yavudde mu Norway, okujja wano okusabirwa. Agenda kuddayo, nga musajja awonyezeddwa. Amiina.

166 O! "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero n'emirembe gyonna!" Kiki? Ye Mpagi eyo ey'Omuliro. Ye Mwoyo Omutukuvu. Ke Kabonero ako, akalaga nti Yesu Kristo mulamu. Era abantu, luli edda, baamulaba nga akola ebintu ebyo, Yategeeranga ebirowoozo byabwe kubanga Ye Kigambo. "Era Ekigambo kyoogi nnyo n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era ekyawula ebirowoozo n'ebigendererwa by'omu mitima gyabwe." Amiina.

167 Ndabye amazzi nga gasammuka, ne ndaba n'akalenzi kano nga kajja kasembera. Obwedda kawuliriza, kaasomye n'akatabo erudda wali, bwe kaamaze ne kawandiika, mu lulimi olw'e Norway. Naye kabitegedde; wamaze kubaawo ayogera nako. Kalina ekizibu, naye ssinga kanakkiriza n'omutima gwaako gwonna, Mukama waffe Yesu ajja kukawonya. Kavudde wala nnyo, ate bambi kanaku, naye era, kagezezaako okuwaguza ne kayingira. Kale tujja kukassaako emikono, mu bbanga ttono.

168 Mukkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Amiina! Nga kya kitalo! Ha, abange! "Omusawo omukulu kaakano ali kumpi!" Mwannyinaffe, oli ali ludda wa

Mwannyinaffe Ungren, ne mwannyinaffe oli omulala omukubi w'ennanga? Njagala ojje mangu ddala, bw'oba osobola, otuwe oluyimba olwo olugamba nti, "Omusawo Oyo omukulu kaakano ali kumpi, oyo Yesu omusaasizi."

169 Njagala abantu abali mu lukuubo luno *wano*, abaagala okusabirwa, bambi mudde ku ludda luno *wano*, olukuubo lumu lumu. Ow'oluganda Neville, nnyamba okole ekyo. Ow'oluganda Capps ali ludda wa oba omu ku abo abakulembera ennyimba? Ate Ow'oluganda Ungren, oba Ow'oluganda Capps, oba wabeewo ajja wano, ayimbe, atukulembere mu luyimba luno. Ow'oluganda . . . Omu ku b'oluganda abo ali ludda wa? Kale. Kale, ssebo, ekyo kirungi. Ky'ekyo. Buli omu abeere mu kusaba!

170 Mujjukire, kumalirira mu mutima! Mulabye okumalirira kye kusobola okukola? Okumalirira kujja kukutindizza osomoke ennyanja. Okumalirira kujja kukutindizza okukujja mu ggwanga erimu. Okumalirira kujja kukutwala awantu wonna. Waliwo muzeeyi taata bambi wamu ne muwala we, mu kumalirira, abaagezezzaako okuyingira, era baayingidde, n'abalala bonna, ne bamala gafuna we batuula; era mu ddakiika ntono eziyise Omwoyo Omutukuvu musajja wattu yamuwonyerezza wano mu lukuŋŋaana, bwe nnabadde ssinnatuuka wano. Ha!

Oluyimba olukyasinzeeyo mu zonna ezaali ziyimbiddwa,
Yesu, Yesu ow'omukisa.

Omusawo omukulu kaakano ali kumpi,
Omusaasizi . . .

Mukama Yesu, nsaba, owulire okusaba kw'omuddu Wo, Mukama. Nsaba osisinkane buli omu ku bantu bano omuwonye, olw'Ekitiibwa Kyo, mu Linnya lya Yesu.

. . . eddoboozi lya Yesu.

Ly'eddoboozi erisinga obulungi mu luyimba lwa ba sseraafi,
Erinnya erisinga okuwulikika obulungi ku nnimi z'abantu,
O, oluyimba olukyasinzeeyo mu zonna ezaali ziyimbiddwa.

Leka abo abamaliridde kaakano, abamanyidde ddala nti bagenda kuwonyezebwa . . . Mukirowoozeeko, nga bwe mmanyi, kikumi ku kikumi, ku abo abaasabirwa akawungeezi ka Ssande ewedde, baawonyezeddwa mu wiiki eno.

Omusaasizi . . .

171 Mwetegereze, Ajja. Mukiraba, Yakuwonyezza dda. Aleeta Ekigambo Kye, n'Akikakasa, n'Ayoleka Okubeerawo Kwe. Tewali muntu ayinza kukola bintu ebyo okuggyako Katonda. Ekyo mukimanyi. Ke kabonero ka Masiya. Era mukimanyi

nti si nze Masiya, kale ye Ye. Kaakati wano buli kimu Akibakakasizza.

Kati ekyo kisaanidde okubateeka mu mbeera ey'okufunvubira. Kisaanidde okuyisa amasannyalaze mu kifo kino ne kikwata ku. . . Nedda, kisaanidde kubeera nga—nga—nga—kati ka kibiriiti akakasukiddwa mu ppipa y'obuganga. Mazima ddala! Era kisaanidde okubalula okukkiriza, olwo—olwo okwagala n'okumalirira biyingize abantu abo munda ddala mu Bwakabaka bwa Katonda, basobole okukkiriza n'emitima gyabwe gyonna. Kaakano mukkiriza, buli omu ku mmwe? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale. Kaakati, Billy, funayo. . .

172 Tony, ntunuuliraako wano katono. Mmaze ebbanga ddene nga ssikulaba, naye oli mulwadde. Olumizibwa obulwadde obuli nga ekiddukano ky'omusaayi. Bwe kiri. Bugenda kukoma. Bugenda kukuvaako. Ekintu ekyo nkirabye nga kimugoberera, bw'asituse okujja awo. Tewali kintu kyonna kiyinza kukwekebwa mu maaso ga Katonda kaakati. Ssirabanga. . . Tony ndowooza, mmaze emyezi egiwerako nga ssimulaba, naye ndabye nga ekyo ky'alina. Abadde akirina; naye kati takyakirina.

173 Leka tukoteke emitwe gyaffe. Tewaba wadde eriiso erimu erizibulwa. Tewaba wadde eriiso erimu eritunula. Leka buli muntu abeere mu kusaba. Kati Billy Paul oba Ow'oluganda Neville, omu ku bo, ajja kuyita ennyiriri eziddako nga ekiseera kyazo kituuse. Kati buli omu abeere mu kusaba. Tugenda kugezaako kaakati; ab'omu lukuubo olwa wakati mujja kudda ku lwa kkono bwe munaayitibwa, n'abo—n'ab'olukuubo olwa kkono *wano* eno mujja kudda ku mukono gwammwe ogwa kkono nga muyitiddwa. Ow'oluganda Neville ajja kubayita.

Kati, ssimanyi oba waliwo ow'oluganda yenna wano eyandyaagadde okuyimirira wano okuteeka emikono ku bantu bano nga bwe bayitawo, awamu nange? Omu yenna ku mmwe ab'oluganda abaweereza, ddala mwanirizibwa okujja muyimirire nange bwe muba mwagala. Si kintu kya muntu omu yekka. Nammwe mulina eddembe okusabira abalwadde nga nze.

Mmanyi nti Omwoyo Omutukuvu ali wano. Omuntu atakikkiriza ekyo, aba aliko ekikyamu.

174 Kale, leka tukkirize kaakano n'emitima gyaffe gyonna, nti Katonda agenda kutuwa ebintu bino bye tusaba. Mubeere n'okukkiriza kati. Temubuusabuusa.

Era buli omu, asabire munne. Bayibuli yagamba etya? "Mwatuliraganenga ensobi zammwe; musabiragane. . . "

175 Ate mmwe abajja mu lunyiriri, emikono gino kasita gikukwatako, vvaawo nga osanyuka ddala era nga otendereza Katonda olw'okuwonyezebwa.

Kale, buli omu yingira mu kusaba kati nga Ow'oluganda Capps bw'akulembera ennyimba.

Mukama Yesu, tuyambe kaakano. Nsaba, okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwoyo Omutukuvu akome ku buli muntu, era leka bawonyezebwe nga bwe tugoberera ebiragiro Byo eby'okuteeka emikono ku balwadde. Wagamba nti, "Banaawonyezebwa." Tukikkiriza, Kitaffe, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Kale, buli muntu beera mu kusaba kaakano nga bwe tutandika okusaba. Tusookedde, ku mulenzi ono ali mu kagaali k'abalema.

Nteeka emikono ku mwana ono, mu Linnya lya Yesu Kristo, awonyezebwe.

Yee, ssebo.

Mu Linnya lya Yesu Kristo . . . [Ow'oluganda Branham n'abaweereza bassa emikono ku abo abali mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, okumala eddakiika kkumi na munaana, naye nga essaala teziwulikika. Ekibiina kisaba era ne kigenda mu maaso n'okuyimba oluyimba olwo *Omusawo Omukulu*—Omuk.]

Oluyimba olukyasinzeeyo mu zonna ezaali ziyimbiddwa,
Yesu, Yesu ow'omukisa.

176 Bameka ku mmwe abakkiriza nti Katonda, nga oli mukakafu mu mutima gwo, n'obukakafu obunywevu, nti Katonda ayanukudde okusaba kwo kubanga ogondedde Ekigambo Kye? Kikoleddwa. Kiwedde. Ki—kikoleddwa. Mukkirize n'omutima gwo gwonna, nti ogwo mulimu ogwaggwa.

177 Kaakati mulindirire wiiki eno, bwe munaaba mukomyewo, mulindirire mulabe ekibaddewo.

178 Nsuubira, omulundi oguddako we nnaakomerawo, Mukama nga ayagadde, nja kuba nga olunyiriri lw'ab'okusabirwa ndukolerako mu kimu ku bisenge bino, mu kasenge ako akatono mwe nja okubatwaala, mukiraba. Nzikiriza nti kyeyoleka kaakano, ebiseera, mubiraba.

179 Njagala ntuuke we nkolera ku bantu omu ku omu, mbasabire kinnoomu, okutuusa lwe nkinoonyeza ne nkizuula, ne ŋŋenda mu maaso bwentyo, okutuusa lwe mbeera nabo mu kiseera ekyo kyonna.

180 Katonda mwenna abawe omukisa. Tuli basanyufu okuba nti mubaddewo wano. Olina . . . Kati ofunvubidde ddala? Olina . . . Okyasobeddwa, okusoberwa kwe wabadde nakwo nga oyaayanira okuwonyezebwa? Kati kwonna kubulidde, mu kwagala n'okukkiriza n'obwesige nti Katonda agenda kukola kye yasuubiza okukola? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Katonda ajja kukola.

Okuva eri abaana bano abato, waliwo nga babiri oba basatu wano akawungeezi kano, mu bugaali bw'abalema, nja... Tugenda kukkiriza ku lwabwe, baana bato, nabo, bagenda kuwonyezebwa. Bagenda kuba bulungi. Temukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Amiina! "Bajja kuwona." Bateekwa buteekwa. Katonda bw'atyo bwe yayogera. Era tumaliridde, era tugenda kukikkiriza kaakano, nti kigenda kukolebwa.

181 Kaakati, enkuŋŋaana zaffe zibeeramu ebintu ebiddiriŋŋana. Kati tugenda kusiibula ekibiina abo abateekwa obuteekwa okugenda. Bwe nneetegereza obulungi ziringa eddakiika munaana ezibulayo okuwera essaawa ennya. Kale, bw'oba oteekwa buteekwa okugenda, tu—tuli basanyufu nnyo okuba nti obaddewo, era twagala okomewo obeere naffe. Abasigadde, nga tumaze okuyimirira, tujja kuddamu tutuule; kati abo abagenda, mugende mpola mpola mu kasirise ddala nga bwe kisoboka. Oluvannyuma tugenda kubeera n'olukuŋŋaana olw'okusembera amangu ddala nga ekyo kyakagwa. Oyanirizibwa okusigala bw'oba osobola. Bw'oba tosobola, Katonda akuwe omukisa. Nsabira. Nange nja kukusabira. N'ekirala, jjukira, Akabonero kakuume nga kateekeddwaako, era funvubira owaguze okuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda. Amiina!

Kati, tugenda kuyimba oluyimba lwaffe olutusiibula, bwe tuba tusobola, kale, *Twalanga Erinnya Lya Yesu*, nga bwe tuyimirira.

...Erinnya lya Yesu genda nalyo,
Ggwe omwana ow'ennaku n'okunyolwa;
Lijja kukuwa essanyu era likugumye...
(Musobola okubaleeta kaakano.)
...buli gy'ogenda yonna.

Erinnya ery'omuwendo, Erinnya ery'omuwendo! O nga ddungi, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi, nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Mukwataganeeko mu ngalo, mugambe nti, "Mukama akuwe omukisa, mutambuze munnange, muganda wange, mwannyinaze." Okuviira ddala munda, mu bwesimbu, mu kussaŋŋanamu ekitiibwa, nga Abakristaayo ab'emikwano abanyweredde mu kussa ekimu, mukwataganeeko mu ngalo, baganda baffe ne bannyinaffe. Mwenna awamu, Katonda abawe omukisa. Kirungi nnyo!

Mmwagala, mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
N'angulira obulokozi
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa lwe tulisisinkanira ku bigere bya Yesu; okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa lwe tulisisinkana! O, okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda abeere naawe okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana.

Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa lwe tulisisinkanira ku bigere bya Yesu; okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda Abeere naawe okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana.

[Ow'oluganda Branham atandika okumuumuunya oluyimba *Katonda Abeerenga Naawe*—Omuk.]

182 Obulungi buno n'okutabagana eby'Akabonero ka Katonda akakulu, Omwoyo Omutukuvu, leka Abeerenga ddala nammwe okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana. Ekisa kya Katonda kigende nammwe, kizikirize amakubo g'okufa mu maaso gammwe; nga kiggya emisanvu mu makubo gammwe, musobole okulaba Yesu bulijjo mu maaso gammwe, era muleme okusigulwa.

183 Kitaffe ow'omu Ggulu, tuwaayo olukuŋŋaana luno, n'olukuŋŋaana lw'oku makya, n'enkuŋŋaana ezo na byonna ebikoleddwa, n'ekitiibwa kyonna gy'Oli, nga tukwebaza era nga tukutendereza olw'okulokola abantu, n'olw'okuwonya abantu, n'olw'okutuwa ekisa Kyo ekikulu ffenna kye tutunuulira. Tulokole. Nga tukikwebaliza. Beera naffe kaakano okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana. Beera naffe mu kusembera. Ggwe oba ovuga mu mmotoka z'abo abagenda okuvuga, Mukama, nga baddayo mu maka gaabwe. Bayise bulungi mu nnaku zino embi ez'okuwummula, waleme kubaawo kabi na katyabaga konna kabatuukako. Tukisaba mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Kale, tuddemu okuluyimba, *Twaalanga Erinnya lya Yesu*.

Twala . . . Erinnya lya Yesu . . . (Kati musiibuddwa, mu Linnya) . . . wamu nawe,
Nga engabo eri buli kyambika;
Ebikemo bwe bikwetooloola . . .

Awo n'okola otya?

Yatula bwatuzi Erinnya eryo ettukuvu mu kusaba.

Erinnya ery'omuwendo, Erinnya ery'omuwendo! O nga ddungi, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, Erinnya ery'omuwendo! O nga ddungi, nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Ne tweyala wansi ku bigere Bye,
Tulimutikkira engule nga Kabaka wa bakabaka,
Olugendo lwaffe bwe luliba luwedde.

Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi, nga ddungi!
Ly'essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

184 Kati nga temunnaba kutuula wansi, nga ekibiina kisiriikiridde olw'ekitundu eky'okusembera.

Bwe mba ssisobezza, ono si ye W'oluganda Blair, omuweereza, gwe nnasanga mu Arkansas, gye buvuddeko katono? Ndowoozezza nga yandiba ye. Mbadde ssiri mukakafu. Waleese wano omwana omuto, okuwongebwayo, leero ku makya. Ndowoozezza nti...Ssaakusisinkanako gye buvuddeko, wano mu Hot Springs, Arkansas? Wali wamu ne...Waaliwo ekintu ekyali kinaatera okugwawo, era Omwoyo Omutukuvu n'akyogera. Si bwe kyali? Kirungi. Kale mbadde... Nejjukanyizzaamu ne ndowooza muli nti, "Oyo ye w'oluganda oli." Nsanyuse nnyo okukulaba wano, Ow'oluganda Blair.

185 Kati ŋŋenda kusaba Ow'oluganda Blair atusabire Katonda atulongoose kaakano olw'okusembera okugenda okubeerawo. Onaakikola, Ow'oluganda Blair? [Ow'oluganda Richard Blair asaba—Omuk.] Weewaawo. Weewaawo, Mukama. Kituwe, Mukama. Weewaawo, Mukama. Weewaawo, Mukama. Weewaawo Mukama. Weewaawo. Weewaawo. Amiina.

Muyinza okutuula kaakano, buli omu.

186 Kaakati mwannyinaffe, ali ku nnanga, ojja kukuba oluyimba olwo olugamba nti *Waliwo Ensulo Ejjudde Omusaayi*. Kati musobola okutandika oku...mubitwale wali, byonna ebyetaagisa. Kale kati, ekitundu kye tugenda okusoma kaakano, bwe tuba tusobola oku...ka tusiriikirireko okumala akaseera.

Ogamba ki, mwannyinaffe? [Mwannyinafe omu abuuza nti, "Nnyinza okufuna akatambaala kange?"—Omuk.] Tekirina buzibu, mwannyinaffe, kebera wano okutuusa lw'onookalaba, tekirina buzibu bwonna, kakeberemu. Keeko? Kale, mwannyinaffe.

187 Kale, kati Ow'oluganda Neville agenda kusoma enkola enaagobererwa mu kusembera.

Kati abakebezi bajja kujja, bwe wabaawo abagenyi bonna, ku buli ntebe, nga basitula lukuubo ku lukuubo, nga bwe tujja, lunyiriri ku lunyiriri, nga bwe tujja okusembera.

188 Kaakano muyinza okugenda mu maaso nga mufumiitiriza mu kusaba. Mujjukire, Isiraeri baakulya bamalirirdde, era mu lugendo lwonna mu bo temwali muyongobevu n'omu, mu myaka amakumi ana okutuusa lwe gyaggwako. Kuno, nakwo kuwonyezebwa kwa Bwakatonda.

Mukama akuwe omukisa, Ow'oluganda Neville. [Ow'oluganda Neville asoma Ekyawandiikibwa kino, Abakkolinso Ekisooka 11:23-32—Omuk.]

[*Kubanga nze nnaweebwa eri Mukama waffe era ekyo kye nnabawa mmwe, nga Mukama waffe Yesu mu kiro kiri kye yaliirwamu olukwe yatoola omugaati:*]

[*Ne yeebaza, n'agumenyamu, n'ayogera nti, Mutoole, mulye: guno gwe mubiri gwange oguli ku lwammwe: mukolenga bwe mutyo olw'okunjijukiranga nze.*]

[*Era n'ekikompe bw'atyo bwe baamala okulya, ng'ayogera nti Ekikompe y'endagaano empya mu musaayi gwange: mukolenga bwe mutyo buli lwe munaanywangako, olw'okunjijukiranga nze.*]

[*Kubanga buli lwe munaalyanga ku mugaati guno ne lwe munaanywanga ku kikompe kino, munaayolesanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lw'alijja.*]

[*Ky'anaavanga azza omusango ogw'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe buli anaalyanga ku mugaati oba anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga tasaanidde.*]

[*Naye omuntu yeekeberenga yekka alyoke alye ku mugaati bw'atyo, era anywenga ne ku kikompe.*]

[*Kubanga alya era anywa, alya era anywa musango gwe ye, bw'atayawula mubiri gwa Mukama waffe.*]

[*Mu mmwe kye muvudde mubeeramu abanafu n'abalwadde, era bangiko abeebaka.*]

[*Naye ssinga twesalira omusango fekka, tetwandisaliddwa, musango.*]

[*Naye bwe tusalirwa omusango, tubuulirirwa Mukama waffe, tuleme okusingibwa omusango awamu n'ensi.*]

[Ow'oluganda Neville agamba nti, "Mukama awe omukisa okusomebwa, kw'Ekigambo." Ow'oluganda Branham asitula ttule y'omugaati ogumenyeddwa—Omuk.]

189 Nsitudde omugaati guno ogutazimbulukusiddwa, ogufunyiddwa era ogumenyeddwa, nga gukiikiridde

omubiri gwa Yesu Kristo; okuyita—okuyita mu ggigi lino eryayabuluzibwamu tusobola okutuuka mu Watukuvu w'awatukuvu.

190 Kitaffe Ow'omuggulu, omugaati guno gutegekeddwa okuba ekifaananyi ky'omubiri guli ogwamenyebwa era ogwabetentebwa. Nsaba buli omu ku ffe, nga bwe tugutoola, tubeerere ddala nga abakoze ekikolwa kino. Era tusaba tusonyiyibwe ebibi byaffe, era tukkirizibwe okutuuka mu Watukuvu w'awatukuvu, okubeera mu Kubeerawo Kwo mu biseera by'obulamu bwaffe eby'omu maaso; n'ennaku zonna ez'obulamu bwaffe ze tunaamala wano ku nsi, era tubeere naawe mu Butaggwaawo emirembe gyonna. Kituwe, Kitaffe. Omugaati guno guwe omukisa olw'ekigendererwa ekyo. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

191 [Ow'oluganda Branham atoola ttule y'obugiraasi obujjudde enviinyo—Omuk.] Bayibuli egamba nti, "Bwe yamala okutoola n'okumenya omugaati, mu ngeri y'emu n'Atoola ekikompe; era bwe yanywako, n'Agamba nti, 'Kino kye kikompe eky'Endagaano Empya mu Musaayi Gwange, oguyiibwa ku lwammwe.'" Mukama enviinyo eno leka agiwe emikisa Gye nga bwe tusaba.

192 Mukama Yesu, nsitudde wano omusaayi gw'ezzabbibu, omubisi oguva mu muzabbibu. Era, Kitaffe, guliwo nga gukiikiridde Omusaayi ogwo ogw'omuwendo ogutulongoosa, nga mu Gwo mwe mwava Akabonero. Ngukwebaliza, Kitaffe, era n'olw'akabonero kano. Wagamba nti, "Oyo alya n'okunywa n'anywa ku Bino alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era Ndimuzuukiza ku nkomerero." Tukwebaza olw'ekisuubizo kino. Era, Kitaffe, tusaba, olongoose emitima gyaffe, ffenna wamu, tulyoke tusaanyizibwe olw'o . . . okukkiriza kwaffe; nga tumanyi nti mu ffe tetusaanidde, naye okukkiriza kwaffe tekujja kulemererwa, era nti tukkiririza ddala Omusaayi gwa Yesu Kristo. Kituwe, Kitaffe.

193 Era tukuza enviinyo olw'ekigendererwa kyayo. Leka buli anywa ku nviinyo eno akawungeezi kano, n'alya ne ku mugaati guno, afune amaanyi ag'olugendo oluli mu maaso. Kituwe, Mukama. Leka babe balamu bulungi ddala nga ba maanyi, nga bajjudde Omwoyo Wo, okutuusa Yesu lw'alijja. Amiina. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

194 Nzikiriza nti Okusembera kwe kumu ku kusinza okusingirayo ddala okuba okukulu, okutukuvu, era okuwoomu okuli mu lukuŋŋaana lw'ekkanisa. Waliwo ebintu bibiri ebyatulekerwa, ebintu bisatu, eby'okukola, ebyo—ebyo nga ze nkola ez'enjawulo wamu n'ebiragiro. Abantu bangi bagezaako okugamba mbu, "Ffe tulina omusumaali guli gwennyini." "Ffe tulina akatundu k'omusaalaba guli." Naye waliwo ebintu bisatu ebyalekebwa: Eky'ekiro kya Mukama waffe, Okubatiza,

Okunaazagana ebigere, ze nkola essatu ezaalekebwa ekkanisa okukola.

195 Ate ku lwange, akawungeezi ka leero kabadde kaseera ka njawulo nnyo gyendi. Bwe nnyimiridde wano ne nneetegereza; bulijjo ntera—ntera kubeera mu kusaba. Naye akawungeezi ka leero, bwe ndabye famire ez'enjawulo, okulaba ezimu ku famire ezo ezibadde zijjanga wano okuviira ddala nga nkyali mubuulizi muto, bwe bajjanga ne bayimirira wano bwe twali tukyalina effufugge wansi ku ttaka, era ndi. . . famire ezimu ku zo mpya. Naye okulaba abasajja nga bajja ne bakyala baabwe bambi n'ab'amaka gaabwe, n'okulaba engeri gye bassaŋŋanamu ekitiibwa, n'obutukuvu bwakyo, engeri gye balabiriramu abaana baabwe; ne ndaba omukyala bambi nga ayimusizza emikono gye, muli ne ndowooza nti, "Bambi emikono egyo ginaazizza, era ne gisangula amaziga okuva mu maaso g'omuwere."

196 Ne ndaba ne famire nga zijja ze nnali nkyaliddeko ewaka waabwe bwe baali abalwadde, nga balina omusujja, abaana baabwe; naye Mukama Yesu abaana baabwe n'abawonya. Nnabalabako lwe baalina obutategeeragana mu maka gaabwe, Mukama n'annyamba okubugonjoola; ne mbalaba nga baddamu okuba abasanyufu nate. Era muli ndowoozaamu bwe kiribeera bwe tuligenda ku Kijjulo ky'Embaga kiri ekikulu. Nsiima nnyo nnyini okuba nti Mukama aŋŋanyizza okuba mukwano gwammwe n'okubayamba. Nze . . . ekyo kye ndi wano okukola.

197 Era, mbadde ndowozaamu bbanga lyenkana wa, myaka emeka; gino kati giwera nga, nnatandika okubuulira awo nga mu 1930, era gino giwera nga emyaka asatu mu ebiri gye mmaze, kati, okumala emyaka asatu mu esatu, mbadde mbuulira. Kale, okulafuubana kwonna n'okugezesebwa ne, kirabika nga, amazima, bwe—bwe tujja mu maaso wano, byonna—byonna byerabirwa. Mukiraba? O—owulira nga Okusembera okulimu ekintu eky'enjawulo kuggyawo ebyo byonna—byonna ebitagenze bulungi, bwe weetaba mu Kusembera. Mukama abawe omukisa.

198 Omukadde kaakano agenda, kusoma Ekyawandiikibwa eky'ekitundu eky'okunaazagana ebigere.

199 [Brother Neville asoma Yokaana 13:2-17, oluvannyuma n'aggalawo olukuŋŋaana—Omuk.]

[*Bwe baali balya emmere ey'ekyeggulo Ssetaani nga yamaze dda okuweerera Yuda Isukalyoti omwana wa Simooni mu mutima gwe okumulyamu olukwe;*]

[*Yesu bwe yamanya nga Kitaawe amuwadde byonna mu mukono gwe, era nga yava wa Katonda, ate ng'adda wa Katonda;*]

[*N'ava ku mmere, n'ayambulamu engoye ze; n'addira ekiremba, ne yeesiba ekimyu.*]

[*N'alyoka afuka amazzi mu kibya, n'atanula okunaaza abayigirizwa ebigere n'okubisiimuuza ekiremba kye yali yeesibye*.]

[*Awo n'ajja eri Simooni Peetero: naye n'amugamba nti Mukama wange, ggwe onnaaza ebigere?*]

[*Yesu n'addamu n'amugamba nti Kye nkola nze tokimanyi ggwe kaakano; naye olikitegeera luvannyuma*.]

[*Peetero n'amugamba nti Tonnaazenga bigere byange emirembe gyonna. Yesu n'amuddamu nti Bwe ssiikunaaze tossa kimu nange*.]

[*Simooni Peetero n'amugamba nti Mukama wange, si bigere byange byokka, naye n'emikono n'omutwe*.]

[*Yesu n'amugamba nti Anaazibwa omubiri taliiko kye yeetaaga wabula okunaaba ebigere byokka, naye yenna nga mulongoofu: nammwe muli balongoofu naye si mwenna*.]

[*Kubanga yamumanya anaamulyamu olukwe; kye yava ayogera nti Mwenna temuli balongoofu*.]

[*Awo bwe yamala okubanaaza ebigere, n'ayambala engoye ze, n'atuula nate, n'abagamba nti Mutegedde kye mbakoze?*]

[*Mmwe mumpita Muyigiriza era Mukama wammwe: era mwogera bulungi; kubanga bwe ndi*.]

[*Kale oba nga nze Mukama wammwe era Omuyigiriza mbanaazizza ebigere; era nammwe kibagwanira okunaazagananga ebigere*.]

[*Kubanga mbawadde eky'okulabirako, era nga bwe mbakoze nze, nammwe mukolenga bwe mutyo*.]

[*Ddala, ddala, mbagamba nti Omuddu tasinga bukulu mukama we; so omutume tasinga bukulu oli eyamutuma*.]

[*Bwe mubimanya ebyo, mulina omukisa bwe mubikola*.]

[Mukama awe Omukisa okusomebwa kw'Ekigambo Kye.]

[Eri bonna abaneetaba mu kitundu kino, mu kisenge kino, wano eno, abasajja mwe bajja okunazaaganira ebigere; ate abakyala bajja kunaazaganira mu kisenge ekiri ku mukono ogwa kkono, wano eno, mu kasenge akatono awabatirizibwa. Nnaasanyuka nnyo nnyini ddala okulaba bonna abandyagadde, era abasobola, okujja okutwegattako mu kunaazagana ebigere kuno.]

[Ffenna tuyimirire? Eri abo abateekwa okugenda . . .]

[Nate tugamba nti tubasiima nnyo ddala era tubeebaza mu maaso ga Katonda olw'olunaku luno olulungi, olubadde olw'okuzzibwamu amaanyi eri emitima gyaffe, mu kulaba Okubeerawo kwa Katonda waffe okukulu era okw'amaanyi nga ajja mu makkati gaffe okubeerawo okutuzzaamu amaanyi n'okutuwa omukisa.]

[Nga bwe tukoteka emitwe gyaffe ffenna wamu, tujja kusaba ow'Oluganda Earl Martin bw'aba asobola asiibule abo abateekwa okugenda.]

Okumalirira Mu Mutima LUG63-0901E
(Desperations)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 1 Sebutemba, 1963, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham mu Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org